




دعوت اسلامی کا تعارف (Luganda)

# Enyanjula ya DAWAT-E-ISLAMI



Presented by  
**Markazi Majlis-e-Shura (Dawat-e-Islami)**  
Translated into English by  
**Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)**

دَعْوَتِ إِسْلَامِي كَا تَعَارُفِ

Dawat-e-Islami kā Ta'āruf

# Enyanjula ya DAWAT-E-ISLAMI

Akatabo kano kafulumizibwa **Markazī Majlis-e-Shūrā (Dawat-e-Islami)** mu lulimi olu Urdu. **Majlis-e-Tarājim** (Ekitongole ekivvuunula) ekavvuunude mu lulimi Oluganda. Bwolaba mu ensobi yonna, tukusaba otegeeze Majlis-e-Tarajim ku ndagiriro ewereddwa n'ekigendererwa eky'okufuna mu empeera [Šawāb].

## **Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)**

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

**UAN:** ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

**Email:** ✉ translation@dawateislami.net

**Web:** 🌐 www.dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ  
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

### Okuvvunula

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! owekitiibwa, Tuggulirewo omulyango g'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

*(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)*

**N.B:** Saalira Nabī ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

**Tip1:**Click on any heading, it will send you to the required page.

**Tip2:**at inner pages, Click on the Name of the book to get back(here) to contents.



## TABLE OF CONTENTS

E Duwa Y'okusoma Ekitaboo.....	ii
<b>Enyanjula ya DAWAT-E-ISLAMI .....</b>	<b>1</b>
Obulungi bw'okusoma Şalât-'Alan-Nabî ﷺ .....	1
Dawat-e-Islami – Yetaagisibwa nnyo.....	2
Buli omu mubuulizi.....	3
Entandikwa ya Dawat-e-Islami.....	3
Obubaka bwa Madanī obwa Dawat-e-Islami mu mawaanga 195..	6
Okubuulirira mu batali basiraamu .....	7
Atali musiraamu asiramuka .....	7
Madanī Qāfilah.....	8
Feesi ezimasaamasa zasiramusa omuntu.....	9
Ebifo bya Madanī eby'enjigiriza.....	10
Okuziimba Masājid.....	11
Ba Imaamu ba Masājid.....	12
Ba kiggala, abatasobola kw'ogera, n'abasibe b'amaaso .....	12
Atali musiraamu asiramuka .....	13
Okubuulirira mu makomera .....	14
Omusibe yalongooka.....	15
Congregational I'tikāf.....	18
Encuukacuuka ya Madanī mu banyina abasiramu .....	19
Okulaba ku mirimu gya Madani egyabuli mweezi egy'abanyina.	20
Laba engeri embeera ya Madanī bwereeta obulongoofu!.....	21
Madanī In'āmāt.....	24
Amawulira amalungi eri abo abakolera ku Madanī In'āmāt .....	25
Madanī Mużākarah.....	25
Envummula z'omwoyo ne Istikhārah .....	26
Ekizimba mu bwoongo .....	27
Okutendeka ba Hujjāj.....	29

Amasomero .....	29
Jāmi'a-tul-Madīnah .....	30
Madrasa-tul-Madīnah .....	30
Madrasa-tul-Madīnah (ez' abakulu) .....	31
Kiliniki (Amalwaliro) .....	31
Takhaṣṣuṣ-fil-Fiqh* .....	32
Majlis Tahqīqāt-e-Shar'iyyah .....	33
Dār-ul-Iftā Aḥl-e-Sunnat.....	33
Intaneti .....	33
Online Dār-ul-Iftā Aḥl-e-Sunnat.....	34
Maktaba-tul-Madīnah .....	34
Al-Madīna-tul-'Ilmiyyah .....	34
Majlis-e-Taftīsh Kutub-o-Rasāil .....	35
Emisomo egy'enjawulo (Kkoosi) .....	36
Īṣāl-e-Ṣawāb.....	37
Emiddaala gya Maktaba-tul-Madīnah .....	37
Majlis-e-Tarājim .....	37
Ijtimā'āt ez'ewabweru.....	38
Tarbiyyatī Ijtimā'āt .....	38
Madanī Channel.....	39
1. Atalimukkiriza yasiramuka .....	42
2. Kati mpulira ensonyi okulaba 'channel' enkyaaamu .....	43
3. Ebbaala lyagalwaawo .....	44
Madrasa-tul-Madīnah Online .....	44
Dār-ul-Madīnah.....	45
Ebimuli bya Madanī 8 ebya Dawat-e-Islami.....	45
Okutunula ku dipaatimeenti 95 eza Dawat-e-Islami .....	56
Departments of Islamic sisters .....	58

أَلْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ط

# Enyanjula ya DAWAT-E-ISLAMI

Newankubade Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitabo kno okuva kuntaandikwa okutuusa kunkomerero ng'omemba obukodiyo bwa Shaytan. إِنَّ هَٰذَا اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ. Oja kuwulira enkyuukakyuuka eya Madani mu mutima gwo.

## Obulungi bw'okusoma Ṣalāt-'Alan-Nabī ﷺ

Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Jibrāil عَلَيْهِ السَّلَامُ yangamba nti Allah عَزَّوَجَلَّ agamba, 'Ya Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ)! Tolimusanyufu nti omugob ereziwo bwakuwereza Ṣalāt emu, musiindukira okusaasira kwamirundi kkumi ate omugobereziwo wasindika Salām emu gyoli, musiindikira Salām kkumi gyaali.'

*(Mishkāt-ul-Maṣābīh, vol. 1, pp. 189, Ḥadīṣ 928)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Dawat-e-Islami – Yetaagisibwa nnyo

Allah ﷻ agamba mu Quran Entukuvu, ayaah 104 eya Sūrah Āl-e-‘Imrān, eJuzzu 4:

وَلْتَكُنْ مِنْكُمْ أُمَّةٌ يَدْعُونَ إِلَى الْخَيْرِ وَيَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ  
وَيَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ ۗ وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٠٤﴾

*Waveeyo mummwe ekibiinja akiyita eri obulongoofu ate ekiragira empisa enungi nga kiziyiza ebibi. Era abonno be bawanguzi.*

*[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 4, Sūrah Āl-e-‘Imrān, verse 104)*

Mu kunyonyola ayah eno, Omunyonyozi wa Quran Entukuvu, Mufti Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْمَلَأَن yawandiika mu *Tafsir-e-Na’imī*, voliyumu 4, olupapula 72, ‘Abange abasiraamu! Walina okubeerayo ekibiina okuva mummwe, oba mulina okukola ekibiina bwekiti eky’olubeerera ekiyita abajeemu eri obulongoofu, abatakkiriza eri obusiraamu, abagwenyufu eri okutya mungu, ababuyabuya eri obulabufu, abatamanyi eri okumanya kw’obusiramu n’obulongoofu, abewombeefu eri oseanyu eringi ely’okwewayo eri mungu ate abo abatafaayo eri okuaaayo okwa namaddala

Mu ngeri y’emu, ekibiina kino kirina okussa esira ku nzikiriza entuufu, empisa enungi n’emirimu emiungi nga kiyita mu

kubuulirira, okuwandiika, n'emibiri, n'amaanyi, n'obugoonvu ate (omukulembeze eri bafuga) ng'akyabukwakkulizo.

Okgattako, ekibiina kino kirina okubeera nga kiziyiza abantu okuva ku nzikiriza enkyamu, empisa embi, emirimu emibi, enuyirira embi, endowooza embi ez'okululimi oba ku mutima, ngakiyitira mu kuwandiika oba n'amaanyi (okusinziira ku buyiinza obuba buweereddwa).'

### Buli omu mubuulizi

Mufti Ow'ekitiibwa عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yayongera nagamba, 'Abasiraamu bonna babuulizi. Kiri Farḍ (kyatteeka) eri bonna okulagira abantu okukola emirimu emirungi ate n'okubaziyiza okukola emibi.' Mu bigambo ebirala, buli Musiraamu alina okusomesa kyamanyi eri abasiraamu abalala. Okuwagira kino, Mufti Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْعَمَّان yanokola Ḥadīṣ eno. Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba:

*Musomesa okuva ku nze newan  
kubadde ayah emu.*

بَلِّغُوا عَنِّي وَلَوْ آيَةً

(Ṣaḥīḥ Bukhārī, vol. 2, pp. 462, Ḥadīṣ 3461)

### Entandikwa ya Dawat-e-Islami

Abagalwa ab'olugada abasiraamu! Mu buli muleembe, Allah عَزَّ وَجَلَّ asindika abantu abalongoofu mu Ummah eno ey'Omwagalwaawe Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ abatuukiriza ddala



obuvunaanyizibwa obwa ‘أَمْرٌ بِالْمَعْرُوفِ وَنَهْيٌ عَنِ الْمُنْكَرِ’, i.e. *okuyita abantu eri obulongoofu n’okubaziyiza okukola ebibi*. Bano abalongoofu baasiga endowooza mu Basiraamu nti: ***Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n’abantu b’ensi yonna.***

Omu kw’abo abantu abanene bwebati ye Shaykh-e-Ṭarīqat Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat ‘Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi Ziyāe *دامت برکاتُهُمُ الْعَالِيَهُ* eyatandika olutalaago lwa Madanī olwa Dawat-e-Islami, ekibiina eky’nsi yonna ekitali kya siyaasa (politikisi) ekisaasanya Quran ne Sunnah, n’obuyambi bw’abamu ku mikwaanogye mu Karachi mu Żul-Qa’da-til-Ḥarām 1401 A.H. (September, 1981). Ye, ali kabonero ak’abaatusooka abalongoofu mu mateendo<sup>1</sup> nga okutya Allah *عَزَّوَجَلَّ*, okwagala okw’ensusso eri Omwagalwa era Ow’emikisa Nabbi *صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ*, Obujjumbize n’okumalirira okugoberera Quran & Sunnah, n’okuzza obujja eSunnah, okutya Mungu, okusonyiwa, okukakaalukana, okugumiikiriza, okwebaza, obwetowaze, obwangu, obw’amazima, okuleka okugo berera pbwagazi bw’omutima kulw’eddiini, empisa enungi, okukyaawa okw’enkomeredde okw’edduniya, okwewaayo okukuuma enzikiriza, obumalirivu okusasaanya okumanya k’weddiini n’okulongoosa empisa z’abaziraamu.

---

<sup>1</sup> Okumanya ebisiingawo ku bulamu bwa Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat, soma ekitabo ‘*A Brief Biography of Amir-e-Ahl-e-Sunnat*’ ekyafulumizibwa.

Ng'ayitira mu Dawat-e-Islami, yaleeta ecuukacuuka ya Madanī mu bulamu bw'obukadde n'obukadde obw'abasiraamu, naddala abavubuka ab'oluganda n'abanyina. Abavubuka bangi abajeemu benenyeza ebibi byaabwe, nebataandika okuwangaala obulamu mu kutya Katonda. Abo abaali batasaala Ṣalāh tebaakoma ku kutaandika okusaala eṢalāh wabula bangi beyongerayo mu maaso nebafuuka ba Imām ab'emizikiti; abaana abajeemu n'batalina mpisa bataandika okugondera n'okuwa ekitiibwa eri bazadde baabwe; aba abaali bali mu lusenyi oluddugavu olwa Kufri (obutakkiriza) bafuna omukisa gw'ekitangaala ky'obusiraamu; abao abali baloota ku byokwewuunda n'obwonoonefu bw'ensi za Bulaaya bafuuka beraliikirivu era nebatandika okwagala ennyo okulaba obulungi bwa Ka'baḥ Entukuvu n'Ekiyitirirwa Ekyakiragala ekya Madīnaḥ Enjagalwa; abo abaali banakuwala ennyo kulw'ebizibu by'ensi byebali balaba ng'ebinene bafuna endowooza ya Madanī ey'okulowooza ku bulamu obw'oluv annyuma; abo abaali bayagala ennyo okusoma ebitabo eby'obukaba nebyesittaza babivaako nebatandika okusoma ebitabo n'obutabo bw'abamanyi ba Ahl-e-Sunnat *دَامَتْ قُرُؤُصُهُمْ*; abo abaali bayagala ennyo okulaambula bataandika okutam bula ne Madanī Qāfilāh mu kkubo lya Allah; abo ekiruubirirwa kyebwe ekyaali eky'okunganya obugaga bw'ensi bafuna ekiruubirirwa kya Madanī, *'Nnina okulafuubana okwelon goosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.'*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Obubaka bwa Madanī obwa Dawat-e-Islami mu mawaanga 195

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ era n'obugabi bwa Nabbiwe ﷺ, kulw'emikisa gy'aba Swahaba ba Nabbi ate n'akwaate ak'eddiini n'abalongoofu, kulw'obuyaambi bwa ba 'Ulamā & Mashāikh-e-Aḥl-e-Sunnat وَاٰمَتٌ مُّحَمَّدِيَةٌ ate kulw' obulungi bw'okulafuubana kwa Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat obwan amaddala, obubaka bwa Madanī obwa Dawat-e-Islami, eyatan dikibwaawo mu Karachi, bwatuuka mu Pakisitaani yonna, wabula (mu kiseera ky'okuwandiika bino) ne mu mawaanga 195 ag'ensi omuli India, Bangladesh, Arab Emirates, Si-Lanka, England, Australia, Korea and South Africa. Obunyiikivu okweyon gerayo buli mu kukolebwa, اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَلٰى اِحْسَانِهِ.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ ﷺ! Mu kiseera kino (i.e. mu 1435 A.H.), Dawat-e-Islami eweereza obusiraamu mu miteeko egisuuka 92. Ijtimah ezaagazisa Sunnah ezi baawo buli wiiki zitegekebwa mu nsi yonna mu bifo nkumi na nkumi. Ababuulizi bangi abalina obuvumu obw'okulongoosa Ummaḥ bataambula ne Madanī Qāfilāḥ ezagazisa Sunnah nga balina ekiruubirirwa kya Madanī nti: *Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna*, اِنْ شَاءَ اللّٰهُ ﷺ.

*Allah karam aysā karay tujh̄ pay jahān mayn*

*Ay Dawat-e-Islami tayrī dhūm machī ho*

*Tusaba Allah awe Dawat-e-Islami omukisa omunene  
Nti efuuka yakitiibwa mu buli kifo kyonna!*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okubuulirira mu batali basiraamu

Ku lw'okulafubanaakwe okwa sekinnoomu, Shaykh-e-Ṭarīqat Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ yateendeka enkumi nenkumi z'aboluganda abasiraamu era nabateekamu endowooza y'okufuba okwelongoosa n'abantu b'ensi yonna. Nga balafubana sekinnoomu, bano ab'oluganda abasiraamu nabo bayagazisa abalala eri enjigiriza y'obusiraamu, nabwekityo nekireetawo enkula enene mu kuyita eri obulongoofu. Obukadde bw'abasiraamu abajeemu bataandika okubeera abasiraamu abakolera ku ddiini nga batandika okusaala e Ṣalāh̄ era n'okukolera ku Sunnah̄; abatali basiraamu nabo bayingira obusiraamu mu mawaanga agenjawulo kulw'okulafubana kw'ababuulirizi ba Dawat-e-Islami.

## Atali musiraamu asiramuka

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Madanī Qāfilah̄ ey'ennaku 92 ey'abagazi ba Rasūl yatuuka mu Colombo [Si-Lanka] okuva mu Madanī Markaz Ey'ensi yonna eya of Dawat-e-Islami,

Faizān-e-Madīnah, Bāb-ul-Madīnah, Karachi [Pakisitaani]. Olunaku Madanī Qāfilāh bweyali erina okugenda mu disiturikiti ya Aero okumalayo ennaku 30, ow’oluganda omusiraamu yaleeta omuvubuka atali musiraamu eri Amīr wa Qāfilāh.

Nga anyonyola ebimu ku byensusso mu mpisa n’obuntu bwa Nabbi Ow’ekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, Amīr wa Madanī Qāfilāh yayita omuvubuka oyo ayingire obusiraamu. Omuvubuka yabuuza ebibuuzo ebimu ebyayanukulwa mu bumativu bwe era oluvannyuma yayingira obusiraamu ku lw’obulungi obwali mu kulafuubana obwasekinnoomu obwamala essaawa emu n’ekitu undu, الْحَفِيدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ. (Faizān-e-Sunnat, Bāb: Ādāb-e-Ṭa’ām, vol. 1, pp. 261)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ asaasire abasiraamu bonna n’abo abakasi ramuka babeera banyweevu mu busiraamu!

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Madanī Qāfilāh

Nga agoberera ebigerere by’abalongoofu ab’obusiraamu, Amīr-e-Ahl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ naye abadde ataambula mu kkubo lya Allah okuva mu nnaku ezasooka eza Dawat-e-Islami. Yali atambulira ku baasi n’egaali y’omukka okutuuka mu bifo ebyewala, ebyaalo n’ebibuga mweyali abuulirira okusukka omulundi ogumu mu lunaku lumu. Buli bweyali agenda mu

kifo kyonna mu Bāb-ul-Madīnah Karachi okubuulirira oba okukola omulimu gwonna ogwa Madanī, yali agenda ne mmere ye kwotadde n’omunnyo n’amazzi g’okunywa okwewala okusab iriza ekintu kyonna.

Mu nnaku ezo ezasokera ddala, yali adda ewaka ekiro nga ataambula kilomita wakati wa 5 ne 6 kubanga entambula yabangi yali emuleka wakati w’olugendo ate ngatalina sseent simala kusasula takisi y’omu oba akagaali. Ng’ovudde ku kuyita abantu eri obulongoofu, yali agumya era nga asaasira abo abalwadde, yali yetabira mu kuziika ekumpi n’ewala era nga agumya n’kungubagira abo abasiraamu abaali balina ennaku, nabwekityo abantu nebamwaagala nnyo. Ku lw’oku saasira lwa **عَدُوِّجَلِّ** era n’okulafuubana okwamazima era okuta koma okwa Amīr-e-Ahl-e-Sunnat **دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةَ**, Dawat-e-Islami etandiseewo enkola engazi eya Madanī Qāfilah ez’okumpi n’ezo ezigenda mu nsi yonna. Madanī Qāfilah nyingi ez’abagazi ba Rasūl zitambula okuva egwanga ku gwanga, kibuga ku kibuga, tawuni ku tawuni okumala ennaku 3, 12 & 30 era n’okumala emyeezi 12 ne 26 nga zisasaanya okumanya kw’eddiini, Sunnah n’okuyita eri obulongoofu.

### **Feesi ezimasaamasa zasiramusa omuntu**

Mu 1425 A.H. (January 2005), Nigrān (Omukulu) wa Markazī Majlis-e-Shūrā eya Dawat-e-Islami n’akunngu abamu okuva mu Majlis Berūn-e-Mumālik [Majlis ey’ensi z’ewabweeru] bataambula ne Madanī Qāfilah nebagenda mu South Africa

okuva mu Bāb-ul-Madīnah, Karachi [Pakistan]. Qāfilah eyo yagenda nelaba ekibaanja ekimu okwaali kugenda okuzimbibwa Madanī Markaz ya Dawat-e-Islami, Faizān-e-Madīnah. Ab’oluganda abaali ku kibaanja ekyo babayaniriza bulungi nnyo. Nga alabye feesi ezimasaamasa ez’abagazi ba Rasūl abaali balina ebirevu nga beesibye ebitambaala ebyekir agala ebinyirira, nannyini kibaanja ekyo, eya tali musiraamu, yajja eri Nigrān wa Shūrā nagamba, ‘Nkwegayiridde nsira mula.’ Yagambibwa mangu ddala yetoonde obutakkiriza era nasiramuka. Ab’oluganda abasiraamu bajjula essanyu lingi, era okulombojja kwabwe ‘Allah, Allah’ kwajjuza empewo.

*(Faizān-e-Sunnat, Bāb: Ādāb-e-Ṭa’ām, vol. 1, pp. 409)*

**Nooti:** Okuyiga ebisiingawo ku mikisa gya Madanī Qāfilah n’enjigiriza endala ez’obusiraamu, soma ebitabo ‘Faizān-e-Sunnat’ (voliyuumu 1) ne ‘Dawat-e-Islami kī Madanī Bahārayn’. Bifune okuva mu matabi agenjawulo aga Maktaba-tul-Madīnah.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## **Ebifo bya Madanī eby’enjigiriza**

Okusasaanya ennyo okuyita eri obulongoofu, ebifo bya Madanī eby’enjigiriza biteereddwaawo mu mawaanga mangi ag’ensi, okutuukiriza okwagala kwa Amīr-e-Ahl-e-Sunnat *دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ*. Mu bifo bino ebya Madanī eby’enjigiriza aba’oluganda abasiraamu

okuva ekumpi newala baja nebabeerawo, bayiga Sunnah mu kinywi ky'abagazi Rasul era nebasasaanya okuyita eri obulongoofu awala n'ewagazi. Abavunaanyizibwa ab'oluganda abasiraamu babeerawo mu nifo bino essaawa zonna okuweereza abo abagala okumala yadde essawa ntono mu kkubo lya Allah basobole okufuna ebimuli by'okumanya kw'obusiraamu essaawa yonna.

## Okuziimba Masajid

Kubadde kwagala kwa Shaykh-e-Tariqat Amir-e-Ahl-e-Sunnat *دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ* nti ekitiibwa ekyedda ekya Masajid zaffe kiddawo, nti, abasiraamu bamala kubiseera mu Masajid okusiinza n'okukola Zikr ya Allah *عَزَّوَجَلَّ*. Okugattako ku Masajid eziriwo, Masajid empya ziziimbiddwa kulwakino. Majlis eyitibwa Majlis Khuddam-ul-Masajid eteereddwaawo etuukiriza emirimu gyaayo obulungi. Wabaddewo okweyon gerako okunene mu kuziimba Masajid.

*اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ!* Madani Marakiz nyingi eziyitibwa Faizan-e-Madinah nazo zizimbiddwa mu mawanga aganjawulo mu nsi, ate nendala ziziimbibwa n'okukirizibwa kwa Markazi Majlis-e-Shura ya Dawat-e-Islami.

*Sunnat ki bahar ayi Faizan-e-Madinah mayn  
Rahmat ki ghatai chayi Faizan-e-Madinah mayn*

*Omugga gwa Sunnah gutuuse mu Faizan-e-Madinah  
Ebire eby'okusaasira bibunye Faizan-e-Madinah*



Esseente ez'okuziimba Madanī Marākiz, Jāmi'a-tul-Madīnah, Madāris-ul-Madīnah za Dawat-e-Islami nez'mirimu emirala egya Madanī zifunibwa okuva mu kuwaayo kw'abasiraamu. Naye, si ntino buli omu asobola okusaba esseente zino nebirala. Okukkirizibwa kwa Markazī Majlis-e-Shūrā ya Dawat-e-Islami kwetaagisibwa ddala okulola kino.

### **Ba Imaamu ba Masājid**

Waliyo Masājid nyingi nnyo nga obukiiko obuzilabirira tebusobola kusasula misaala gy'ba Imaamu, Muazzin n'abaweereza abalala. Mu kuyamba abantu bano, Dawat-e-Islami ewa obuyambi bw'ensimbi mu ngeri y'emisaala.

### **Ba kiggala, abatasobola kw'ogera, n'abasibe b'amaaso**

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ n'obulungi bwa kaweefube wa Amīr-e-Ahl-e-Sunnat, ab'oluganda abasiraamu ab'enjawulo, i.e. Ba kiggala, abatasobola kw'ogera, n'abasibe b'amaaso bali mukusomesebwa enjigiriza y'obusiraamu. Bano b'ebantu abasinag okubeera nti batwaalibwa okubeera abatali bamugaso mu nsi. Abamu kubbo tebalina yadde kumanya kwebyo eby'enkizo mu ddiini kulw'obutabeera kumpi n'abalongoofu.

الحمد لله ﷺ! Majlis y'ab'oluganda abasiraamu ab'enjawulo ekola kaweefube okubatusako obubaka bwa Sunnah to them. Enkikko ez'enjawulo ez'okuyiga zibategekerwa mu bibuga bingi ebya Pakistan mu Ijtimā'āt za buli wiiki ezisome eSunnah

n'ezo ezibaawo ku biro ebitukuvu ne I'tikāf ey'abangi ey'omu Ramadan. Mu nkungaana zino, Na'at (Qasidah), okubuulirira, Žikr ne Du'ā bwonna bikolebwa mu lulimi lw'okulagiriza (sign language) N'okweyongerayo, 'Omusomo gwa Qufl-e-Madīnah ogw'ennaku-30' gutegekebwa ababuulizi mwebasomesebwa olulimi lw'okulagiriza basobole okubuulirira mu b'oluganda ab'enjawulo. Okugatako kwekyo, Madanī Qāfilahs za ab'oluganda ab'enjawulo nazo zitambula.

### **Atali musiraamu asiramuka**

Mu 2007, Madanī Qāfilah etambula mu kkubo lya Allah ey'abazibe yalinnya baasi emu okugenda mulugendo lwabwe, mu Masjid emu mu Bāb-ul-Madīnah Karachi. Abamu ku 'Basiraamu ba bulijjo' (i.e. abo abatalina kalemu konna ku mibiri gyabwe) nabo begatta ku Qāfilah eno. Nga bakola kaweefube wasekinoomu, Amīr wa Qāfilah yatandika embooji n;omuntu eyali atudde kumpi naye. Omuntu oyo yagamba, 'Nze siri musiraamu, naye empisa embi ez'abasiraamu b'ennaku zino zinzizya okusiramuka. Wabula, ndabye nti mwenna muyambadde kyekimu mu byeru, era nemutoola Salām<sup>1</sup> nga mulinya ebbaasi eno. Ekirala, ekinnewunyisa ennyo, n'abantu abazibe abali nammwe nabo bayambadde ebitambaala ebyakiragala n'engoye enjeru ate nga balina ebirevu ebikuze.'

---

<sup>1</sup> Tekikirizibwa kutoola Salām eri abatali basiramu. Nga abatali basiramu nabo bwetambulira mu bbaasi e.tc., olina okutoola enniya ey'okutoola Salām eri abasiramu bokka nga oyogera ebigambo bya Salām mu bbaasi etc.

Amīr wa Qāfilāh naga awulidde ebigambo bye, yamuwa enyanjula mu bufunze ey'embeera eya Madanī eya Dawat-e-Islami era neku 'Majlis y'aboluganda ab'enjawulo.' Yabuulirwa ku mirimu gy'eddiini emingi egikolebwa Amīr-e-Ahl-e-Sunnat **دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ**. Yabuulirwa nti abo ab'oluganda abasiraamu abazibe baali batambula mu Madanī Qāfilāh okulongoosa abasiraamu ab'onoonefu (abo obw'onoonefu bwabwe obumule mesezza okusiramuka) Nga asanyuse nnyo okuwulira bino, yasiramukirawo ng'atoola Kalimah.

**Nooti:** Okusoma ku birala ebyewunisa ebya Madani ebikwaata ku bazibem, bakiggala oba n'abo abatasobola kwogera, funa era osome akatabo 'Gūngā Muballigh' akafulumizibwa Maktabatul-Madinah.

## Okubuulirira mu makomera

Buli jjo, abo abatalina kumanya kwa Quran & Sunnah balimbibwa Nafs zabwe ne sitaani nebakola emisango egy'enjawulo nga okutemula, obutujju, okubba, obulabbayi, okwenda, okusubula enjaga, zaala nebirala, era nekomekkereza nga basibiddwa mu makomera.

**الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّ وَجَلَّ!** Majlis ya Dawat-e-Islami eyitibwa 'Majlis Faizān-e-Quran' egezaako okulongoosa abasibe. Nga bewunyiza kawefube wa Madani akolebwa mu makomera, abalabbayi bangi n'abazzi b'emisango benenyezza ebibi byabwe. Okwengerezako, abantu bano batambula ne Madanī Qāfilāh oluvanyuma lw'okuteebwa era nebawangaala obulamu bwabwe nga bagoberera e Sunnah.

Bangi mw'abo abaali tebasubwa ku kuba bantu namasasi kati babatusaako ebimuli bya Sunnah. Ku lwakawefube wasekin oomu ow'ababuulirizi ba Dawat-e-Islami, abasibe abatali basir amu bali mu kusiramuka.

## Omusibe yalongooka

Shaykh-e-Tariqat, Amir-e-Ahl-e-Sunnat, 'Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi Ziyae داعية بركاتهم العالیه yagamba: **الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ!** Emirimu gya Madani egya Dawat-e-Islami nagyo gikolebwa mu makomera. Okugata ku kubu ulirira, ensoma entuufu eya Quran esomesabwa abasibe. Okugatako, 'Emisomo gya Shar'ah' nagyo gitegekebwa okuso mesa enamula ya Shar'i. Bangi mw'abo abaali tebayinza kuva ku bikolwa ebibi newankubadde baborezeddwa aba poliisi balongooka kulw'emikisa gy'embeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, **الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ!**

Wano waliwo ekyafaayo ekyayogerwa omu ku banyina abasiramu okuva mu disitirikiti ya Kasur posita ya Khuddian, ekibuga ekyensibuko y'omu Sufi amanyiddwa ennyo omulon goofu, Bābā Bulleḥ Shāḥ رحمته الله تعالى عليه: 'Emyaaka munaana okuva wenafuuka namwaandu. Nnina omwaana omu yekka eyafuuka omuyombi ennyo era nga atunda n'enjaga olw'okubeera mu kikoosi ky'abononefu. Nagezaako okumuziyiza okukola ebikolwa bino ebikyaamu naye teyakkiriza. Yali ankuba era nga anvuma. Mu kifo ky'oleeta emireembe n'obuweweevu ku mutima gwange, yali andeedde obulumi n'ennaku. Yakwa

atibwa nasibibwa aba poliisi emirundi mingi naye nasobola okumujayo mu ngeri emu oba endala. Yali avunaanyizibwa ku misaango mingi. Olwasembayo, yaweebwa ekibonerezo ky’o kusibwa. Nga oluvanyuma lw’emyaaka munaana, bweyada ewaka nga atereddwa ku kakalu ka kooti, newuunya nnyo okulaba omwaana wange yanyini eyali ankuba era nga anvuma kati yali anetoondera, nga agalamide wansi ku bigere byange.

Mukaseera katono, eddoboosi lya Azān ya Ṣalāt-ul-Maghrib lyawulika era nagenda mu Masjid okusaala e Ṣalāh. Kati yali muntu mutegevu era nga alina feesi entangaavu. Oyo omwaana yenyini eyali avuma abalala kati yali ayogera nnyo ebigambo **إِنْ شَاءَ اللَّهُ، مَا شَاءَ اللَّهُ، الْحَمْدُ لِلَّهِ، سُبْحَانَ اللَّهِ**, n’okusoma Ṣalāt-‘Alan-Nabī. Nga amaze okusaala Ṣalāt-ul-‘Ishā ne Jamā’at mu Masjid, yakomawo ewaka neyebaka. Nange nagalamira okuwummula. Bwenazuukuka ku ssaawa nga 2 a.m (Munaana ez’ekiro), samusaanga mu buliri bwe. Nelaliikirira, nalowooza nti yazeeyo mu kubba naye newuunya nnyo okumulaba nga asaala Ṣalāh ya Tahajjud n’obuwombeefu n’obumalirivu obwenjawulo ku ludda lw’ewaka. Nga amaze okusaala e Ṣalāh, yasaba e Du’ā eri Allah **عَزَّوَجَلَّ** nga asoma enyiriri zino:

*Gunāhaun say mujh ko bachā yā Ilāhī*

*Burī khaṣlatayn bhī chūṛā yā Ilāhī*

*Khaṭāon ko mayrī miṭā yā Ilāhī*

*Mujhay nayk khaṣlat banā yā Ilāhī*

*Tujhay wāsiṭah sāray Nabiyaun kā Maulā*

*Mayrī bakhsh day her khaṭā yā Ilāhī*

*Ntaasa okuva ku bibi, Katonda wange!  
Nzija ku mize emibi, Katonda wange !  
Jjawa ebibi byange, Katonda wange!  
Nfuula omuntu omulongoofu, Katonda wange!  
Kulw'aba Nabbi bonna, Katonda wange!  
Sonyiwa buli kibi kyange, Katonda wange!*

Nga ndabye omwaana wange nga akaaba, nage nakaaba n'emukwata ku mikono. Ffenna twakaabira akaseera. Bwetwa maliriza, namubuuza ensonga y'encuukacuuka ennene enungi bwetyo. Yangamba nti yali yafuna omukisa ogw' embeera enungi eya Madani eya Dawat-e-Islami mu kkomera ababu ulirizi ba Dawat-e-Islami mwebasomesezanga abasibe Wuḍū, Ṣalāḥ, Sunnaḥs, Du'ā n;engeri entuufu ey'okusoma Quran Entukuvu. Yali yenenya ebibi bye kulw'obulungi bwa kawee fube w'abaagazi ba Rasūl.

Nasanyuka nnyo okuwulira kino. Nebaza nnyo n'ensusso aba ababuulirizi ba Dawat-e-Islami abafudde amwana wange eyali omujeemu, omizzi w'emisaango era nga atunda n'enjaga okubeera nti kati mulongoofu, era naga avudde ku mirimu gye emibi. Kino kyengera kinene nnyo ekya Dawat-e-Islami eri nze, maama atalina buyaambi, era n'eri ekikaa kyaffe kyonna. Nsaba abaana bonna abasibe ab'abamaama abaweddemu essuubi beweebwe omukisa gw'embeera ya Madanī eya Dawat-e-Islami basobole okuva ku misango era bakyuuse obulamu bwabwe batandike okukolera ku Sunnaḥ ya Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ!

**Nooti:** Okusoma ebyafaayo nga bino, funa akatabo ‘*Services of Dawat-e-Islami in Jails*’ okuva mu ttabi lyonna erya Maktaba-tul-Madīnah.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Congregational I’tikāf

Emyaaka ebiri oba esatu nga Dawat-e-Islami tenaba kutandikibwa, Amīr-e-Ahl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ yakola I’tikāf yekka mu Ramadan mu Nūr Masjid, paper market, Mithadar Bāb-ul-Madīnah Karachi (era weyali Imām). Omwaaka ogwaddako, ab’oluganda abasiraamu abalala babiri bakola I’tikāf kul’akaweefubewe. Kulwakawefube n’empisa enungi eza Amīr-e-Ahl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ, omuweendo gw’aba Mu’takifin gweyoongerako buli mwaaka okutuusa bwegwatuuka ku bantu 28, nga gusikiriza abantu abatandika okulambula bano abagalwa abato aba Rasūl.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Mu mwaaka ogwo gwennyini, enjuba eyakaayakana era entangaavu eya Dawat-e-Islami nayo bwe ya situka, era I’tikāf yawamu ey’abantu 60 ba Mu’takifin mu kinywi ekirongoofu ekya Amīr-e-Ahl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ yakolebwa mu bulabirizi bwa Dawat-e-Islami mu Madanī Markaz eyasooka, Gulzār-e-Habīb Masjid (Gulistān-e-Okarvi, Bāb-ul-Madīnah Karachi). Eno enkola eya I’tikāf eyawamu kati etandise era ekolebwa munda newabweeru wa Pakistan. Mu mweezi

mutukuvu ogwa Ramadan, I'tikāf yawamu ey'ennaku 30 n'ennaku ekkumi eziseembayo' etegekebwa mu Masājid nnyingi en'ensi. Enkumi n'enkumi z'aboluganda abasiraamu zetabira mu I'tikāf eno mwebayigira okumanya kw'eddiini n'eSuunah, n'okusiinza kwasekinoomu.

Okweyongerayo, ba Mu'takifin bangi batambula ne Madanī Qāfilaḥ z'abagazi ba Rasūl ku kiro kya Eid-ul-Fiṭr. Bnagi abanyina abasiraamu nabo abakola I'tikāf mu Masājid y'ewaka (i.e. Masjid-e-Bayt) mu makaa gabwe abanyina abasiraamu abangi mwebayigira Sunnah mu kinywi kyaba Mu'takif bano abanyina abasiraamu.

**Nooti:** Okusoma ebirala ebikwaata ku byafaayo bya Madanī ebya I'tikāf ey'awamu, soma ekitundu kya *Faizān-e-Sunnat* (vol. 1) ekiyitibwa 'Blessings of Ramadan' era gula akatabo 'Dawat-e-Islami kī Bahārayn' okuva mu ttabi lyonna erya Maktaba-tul-Madīnah.

## Encuukacuuka ya Madanī mu banyina abasiramu

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Obukadde bw'abanyina abasiraamu nabo bakkiriza obubaka bwa Madanī obwa Dawat-e-Islami. Bangi abatabalikika mu banyina abaali aba fashoni era abaakulira mu mbeera erimu ebibi era etali y'ampisa nungi tebakomye ku kwenenya ebibi byabwe naye bafuuse abagoberezi ba ba Ummaḥa-tul-Mu`minīn رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمْ n'omuwala Omutukuvu Owa Nabbi, Sayyidatunā Fāṭimah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهَا. Abo abali balambula



obutale, ebifo by'amasanyu, ebiduula n'essineema ngatebafaayo, kati bafudde Madanī Burqa<sup>1</sup> ekitundu ekitayinza kujibwa ku byambalo byaabwe, nga bagoberera mu bigere by'abakyaala abalongoofu abaali mu Karbalā. الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ Ijtimā'āt z'abuli wiiki nyingi nnyo ez'abanyina abasiraamu zitegekebwa mu bifo bingi n'obwegendereza obw'okwebikikirira okw'obusiraamu.

الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ, Madāris-ul-Madīnah [ez'abawala] nyingi zitered dwaawo omusomesebwa abawala n'abanyina okukwaata Quran Entukuvu ku myoyo era n'okuyiga enjatula yayo entuufu awatali kusasula kwonna. Mu ngeri y'emu, Jāmi'a-tul-Madīnah nyingi nazo zitereddwawo abanyina abasiraamu mwebafuukira abamanyi. الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ, omuwendo gw'aba Ḥāfizāt abakyaala aba Quran n'abamanyi ba Madanī gugenda waggulu mu Dawat-e-Islami. Mu bumpimpi, banyina abasiramu tebali wansi w'aboluganda abasiraamu mu kuweereza kwonna okwa Sunnah.

## Okulaba ku mirimu gya Madani egyabuli mweezi egy'abanyina abasiraamu

Kyakulabirako, wano waliwo olukalala lumpi olw'emirimu gya Madani egikolebwa banyina abasiramu mu Pakistan mu mweezi gwa Jumād al-Ukhrā 1435 A.H. (April 2014). Luno

---

<sup>1</sup> Madanī Burqa' lugoye oluddugavu olutakwaata olutasikiriza era olubikka omubiri gwonna okuva ku mutwe okutuusa ku bugere.

olukalala lwaweebwa ‘Majlis y’abanyina abasiraamu eya Pakistan.’

1. Banyina abasiramu abasukka oba abakira mu 52,805 betabira mu Dars z’ewaka.
2. Madāris-ul-Madīnah nga 3584 ez’abanyina abakulu zadukan yizibwa buli lunaku mu Pakistan yonna omuli banyina abasiraamu 34904 abetabiramu, nebafuna okum anya kwa Quran & Sunnah era nebakwaata Du’ā ez’enjawulo.
3. Ijtimā’at z’abuli wiiki nga 4801 ez’eddaala lya Ḥalqaḥ / ‘Alāqaḥ zategekebwa obwetabira abanyina abasiramu 218976
4. Enjigiriza z’abuli wiiki nga 932 zakolebwa.

*Mayrī jis qadar ḥayn beḥnayn, sabḥī Madanī Burqa’ peḥnayn;  
Ḥo karam Shāh-e-Zamānah, Madanī Madīnay wālay ﷺ*

صَلُّوا عَلَيَّ الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيَّ مُحَمَّدٍ

**Labā engeri embeera ya Madanī bwereeta obulongoofu!**

Wano mu bumpimpi waliwo ekyafaayo ekyabuulirwa omu ku banyina abasiraamu okuva mu Bāb-ul-Madīnah Karachi. Yagamba: Newankubadde nail nasoma Quran Entukuvu era

nga njikute kumutwe olw'okulemerako okw'akadde bange, nali sikyagisoma. Nawankubadde nail nfunye omukisa omunene begutyo (ogw'okukwaata Quran ku mutwe) nail sisaala Ṣalāḥ ezalaalikirwa. Bazadde bange baali beelaliikirira ku ngeri gyennali mpangaala mu (eneeyisa yange). Nnali njagala nnyo fashoni emoya n'omuziki / enyiimba era nnali mpuliriza enyiimba oluusi ekiro kiramba nga nkozesa hedifooni. Ate eky'obubi ennyo, nnali nemedde ku kulaba filimu ku TV. Nnali muwagizi w'omuyimbi omu era emikwano gyange gyagamba nti nnali njakumujukira n'emukiseera kyange eky'okufa. Banange! Bwekyansanga nti nnali nsubiddwa sho yonna ey'omuyimbi oyo, nnali nkaaba nnyo era nga nsigala nnumwa enjala. Mu bumpimpi, nnali mpangaala obulamu obujjude ebibi.

Omu kuba sseenga bange yali yetabira mu Ijtimah y'abuli wiiki eya Dawat-e-Islami era yampita emirundi mingi okubeera nti nange netabira mu Ijtimā' naye nnali nekwaasakwaasa nga nkyewala. Teyakoowa wabula yasigala ampita okwetabira mu Ijtimā'. Olwasembayo, ku lw'akaweefubewe ow' okwedirin ganya, nange nafuna omukisa ogw'okwetaba mu Ijtimā' z'abuli wiiki omuli okubuulirira kwa Sunnah, Ṣikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ ne Du'ā okuva kuntobo y'omutima byonna byantusaako encuuka cuuka. Mwanyina omusiraamu nga Ḥalqaḥ Nigrān yali wakisa kingi nnyo gyendi era yali ajja ewaka wange nannona okunt waala mu Ijtimā'.

Kawefubeewe owasekinoomu gweyaddiringanya yanteeka okweg atta ku mbeera ya Madanī eya Dawat-e-Islami, nekinteeka ne

nenenya okuva ku filimu, enyimbam omuziki n'ebibi ebirala. Nnawuliriza teepu za Maktaba-tul-Madīnah ezibuulirira lu Sunnah era nekinteeke nenkaankana n'okutya kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nekinteeke ndabe kiki kyandikoze watya okufa kwansanga nga ndi mukuwangaala obulamu obujjude ebibi ebingi. Okuyong ezako, ebitabo n'obutabo obufulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah byanteekamu endowooza y'obuvunanyizibwa, nebinkunga okwet aba mu kuyita eri obulongoofu nebanyina abasiraamu abalala. Nagezaanagko nnyo okutuukiriza buli buvunanyizibwa obwam peerwa banyina abasiramu abawaggulu. اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Nagenda mu maaso n'okukola emirimu gya Madanī egya Dawat-e-Islami era kati mpereddwa obuvunanyizibwa bwa 'Alāqah̄ Mushāwarat. اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Mu mbeera ya Madanī environment, nayiga nti Mufti wa Dawat-e-Islami Hāfiz Muhammad Fārūq 'Aṭṭārī Al-Madanī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللّٰهِ الْعَلِيِّ yali asoma Manzil emu eya Quran buli lunaku okuva mu ezo omusaanvu mu bulamu bwe nga muyizi. Nga ngoberera mu bigerebye, nange kati nsoma Manzil emu eya Quran buli lunaku. Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ ampe omukisa gwa Istiqāmat!

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

*Istiqāmat Dīn per Yā Mustafa ker do 'aṭā*

*Baḥr-e-Khabbāb-o-Bilāl-o-Āl-e-Yāsir Yā Nabī*

*Mpa omukisa gwa Istiqāmat mu ddiini, Yā Nabī*

*Ku lwa Khabbāb, Bilāl ne Āl-e-Yāsir Yā Nabī*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Madanī In'āmāt

Mu muleembe guno ogujudde ebibi, Shaykh-e-Ṭarīqat, Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ atuwadde engeri y'okukola emirimu emirungi mu ngeri y'ebibuzo ebiyitibwa 'Madanī In'āmāt', engata enungi era eyemalira eya Sharī'aḥ ne Ṭarīqah. Waliyo Madanī In'āmāt 72 eza ab'oluganda abasiramu, 63 ez'abanyina abasiramu, 92 ez'abayizi abasjja abasiraamu, 83 ez'abayizi abakyaala abasiraamu, 40 ez'abaana aba Madani ne 27 ez'aboluganda ab'enjawulo (i.e abazibe, bakiggala n'abo abatasobola kwogera). Ab'oluganda abasiraamu nkumu nankumu n'abanyina wamu n'abayizi bakolera ku Madanī In'āmāt era bajuzaamu akatabo kano buli lunaku nga bakola Fikr-e-Madīnah (i.e. okufum iitiriza ku mirimu) ku ssaawa engereke. Ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, ebizibu mu kkobo ely'okufuuka abalongoofu n'okwewala ebibi bijibwaawo kulw'okukolera ku Madanī In'āmāt. اَلْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ! Ku lw'emikisa gya Madanī In'āmāt, ojakufuna endowooza ey'okukolera ku Sunnah, okwewala ebibi n'okuya yaanira okukuma enzikirizayo.

Okufuuka omusiramu owebikolwa, buli omu alina okufuna akatabo kano aka Madanī In'āmāt okuva mu ttabi lyonna elya Maktaba-tul-Madīnah era kajuzeemu buli lunaku nga okola Fikr-e-Madīnah. Olina okufuna omuze ogw'okukawaayo eri avunaanyizibwa ku Madanī In'āmāt mu kitundu kyo nga

olunaku lwa 10 olwa buli mweezi gwa Madanī telunna tuuka (emyezi gy’obusiramu).

### Amawulira amalungi eri abo abakolera ku Madanī In’āmāt

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Nga besiimye abo abakolera ku Madanī In’āmāt! Soma ekyafaayo kino ekyā Madanī era ojaganye. Ow’oluganda omusiraamu omu okuva mu Hyderabad (Bāb-ul-Islam, Sindh) yagamba bino nga alayidde: Ekiro kimu mu mweezi gwa Rajab-ul-Murajjab, nna funa omukisa okulaba Omwagalwa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ mu kirooto kyange. Emimwa egyemikisa gyatandika okutambula era bino ebighambo byayatulwa ‘Oyo yenna akola Fikr-e-Madīnah buli lunaku mu mweezi guno nga ajuzā Madanī In’āmāt aja kusonyiyizibwa Allah عَزَّوَجَلَّ.’ (Faizān-e-Sunnat, Bāb: Faizān-e-Ramadan, vol. 1, pp. 1135)

*Madanī In’āmāt kī bhī marḥabā kyā bāt ḥay  
Qurb-e-Ḥaq kay ṭālībaun kay wāsiṭay sawghāt ḥay*

*Nga Madanī In’āmāt nnungi nnyo, Marḥabā!  
Ekirabo eri abo abanoonya okusembera eri Allah*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Madanī Muzākaraḥ

Okubeera awamu ne Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ mukisa gwa muwendo nnyo. Nga baganyulwa mu kubeera kumpi nayem, ab’oluganda abasiraamu bangi betaba mu ‘Madanī

Muzākara’ mwebabuuliza ebibuuzo ebikwaata ku nzikiriza n’ebikolwa, Shari’ah & Tariqah, ebyafaayo & ebirombojja obulamu bw’abantu, sayansi & obusawo, empisa & eby’omwoyo, okumaya ku busiraamu n’ebyobusuubuzi, ebyawamu n’entegeka ya Dawat-e-Islami nebirala bingi. Shaykh-e-Tariqat, Amir-e-Ahl-e-Sunnat **دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ** ayanukula ebibuuzo bino n’amagezi mangi era n’obwagazi eri Nabbi. Nga buli gyo, era awa abetabi obukisa okusoma Şalāt-‘Alan-Nabi akaseera wamu newali nga ayatula n’obwagazi bw’omutima **‘صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ.’**

## Envummula z’omwoyo ne Istikhārah

**اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ!** Majlis emu eya Dawat-e-Islami eyitibwa ‘Majlis Maktūbāt & Ta’wizāt-e-Aṭṭariyyah’ eri bize mu kuwa envummula z’omwoyo (Ruhani Ilaj) ez’obwereere eri abasiraamu abalina ebizibu mu ngeri ya Ta’wizāt ezakirizibwa Shaykh-e-Tariqat, Amir-e-Ahl-e-Sunnat, ‘Allāmah Maulānā Muhammad Ilyas Attar Qadiri **دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ** Istikhārah<sup>1</sup> nayo ekolebwa, era egasa enkumu n’enkumu z’abasiraamu.

**اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ!** Awatali kusavuwaza, Majlis eno ewadde obukadde bwa Ta’wizāt n’amabaluwa ag’okusaasira, okukubaga n’okubudaabuda abasiraamu. Era, okugerageranya (okwakolebwa ku17-04-2014) omuwendo gw’emidaala gya Ta’wizāt (egy’abo

---

<sup>1</sup> Okumanya bingi ebikwata ku Istikhārah, soma ekitabo ‘Madani Treasure of Blessings’ ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, okuva ku lupapula 278 to 280

luganda abasiramu) egitekebawo buli lunaku munda newab weeru wa Pakistan gisukka mu 680 ne 180 mu ngeri eyo.

Kuumpi abalwadde 250,000 buli mweezi bayambibwa Majlis eno. Kuumpi kusukka Maktūbāt-e-‘Aṭṭāriyyāḥ 70,000 (ng’ogaseeko ezo eziweebwa mu posita oba ku intaneeti) ziweebwa. Mu ngeri yemu, buli mwaaka Ta’wīzāt-e-‘Aṭṭāriyyāḥ ne Wazāif̣ ezisukka mu bukadde 6 ziweebwa ku bwereere.

Ku lw’emikisa gy’emidaala gya Ta’wīzāt-e-‘Aṭṭāriyyāḥ, Madanī Qāfilaḥs (ez’ennaku 3) ezisukka mu 100 zitambula era ab’o luganda abasiraamu nga mutwaalo gomu mu lukumi betaba mu Ijtimā’ z’abuli wiiki eziyagaza eSunnah. Mu ngeri yemu, abantu aabsukka mu 26,000 bayingira mu Tariiqā ya Silsilāḥ ‘Āliyaḥ Qādiriyyāḥ Razawiyyāḥ ‘Aṭṭāriyyāḥ. Abanoonya Ta’wīzāt balina okwetaba mu Ijtimā’z’abuli wiiki ezitegekebwa mu bitundu byabwe era bafune Ta’wīzāt okuva ku midaala egitekebawo mu Ijtimā’. Waliwo ebyafaayo bingi ebya Madanī ebikwaata ku Ta’wīzāt-e-‘Aṭṭāriyyāḥ.

## **Ekizimba mu bwoongo**

Ow’oluganda omusirramu omu okuva mu Sukkur (Bāb-ul-Islam, Sindh) yagamba bino nga alayidde: Omutu omu okuva mu kitundu kyaffe yali alina ekiziimaba mu bwoongo era nga amaze okulongoosebwa emirundi ebiri. Yali ali mu mbeera mbi nnyo. N’abasawo baali bawaddemu essuubi. Olwo nno, omuntu omu yamugamba afune Ta’wīzāt-e-‘Aṭṭāriyyāḥ naye aben ganda be tebafaayo kwekyo kubanga yali ali mumbeera mbi nnyo.



Olunaku lumu, mugamda we omuto, nga munakuwavu nnyo yajja ku mudaala gwa Ta'wizāt-e-Atṭāriyyāh nagamba mu maziga, 'Muganda wange omukulu ali mu mbeera mbi nnyo; kilabika ekiro kyaleero kyekiro kye ekisembayo mu bulamu bwe. Takyamanyi muntu yenna, era afuna obuzibu bungi mu kussa; onkwegayiriddem mpa Ta'wiz yonna gyemba mmuwa.' Ow'oluganda wa Majlis nga amubudaabuda yagamba; 'Tonak uwala; Allah عَزَّوَجَلَّ yemugabi w'okuwona. Twaala Ta'wizāt; abalwadde bangi abali balina endwaade abasawo zebagamba nti teziwona bawunyezabwa ku lw'emikisa gya Ta'wizāt zino.'

Olunaku olwaddako, ow'oluganda oyo, nga nessanyu lingi ku feesiye, yejja ku mudaala ogwo nagamba, 'Bwenageenze ewaka, nensiba Ta'wiz eyo ku mutwe gwa muganda wange omulwadde (eyali alinga assa emikka egisembayo mu bulamu bwe), aggulawo amaasoge mu ddakiika ntono nnyo, neyewunyisa ab'enganda bonna. Yagamba ab'enganda bamutuuze.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Kati atandise n'okulya emere.' Oluvanyuma lw'ennaku bbiri, oyo ow'oluganda eyali alina ekiziimba mu bwoongo yajja ku mudaala gwa Ta'wizāt-e-Atṭāriyyāh ku bigerebye okusisinkana abavunanyizibwa ku mudaala ogwo era nabagamba nti embeera ye yali eteredde 75 kubuli kikumi, اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ!

صَلِّ اللّٰهُ تَعَالَى عَلٰى مُحَمَّدٍ صَلُّوْا عَلٰى الْحَبِيْبِ

**Nooti:** Okusoma ebyafaayo ebirala ebikwaata ku nvunnula z’omwooyo, funa obutabo obwafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah obuyitibwa; ‘*Khaufnāk Balā*’, ‘*Purisar Kuttā*’, ‘*Singaun Walī Dulhan*’ ne ‘*Khush Naṣīb Marīd*.’

## Okutendeka ba Ḥujjāj

Mu kiseera ekirungi ekya Hajj; ababuulizi ba Dawat-e-Islami batendeka ba Ḥujjāj mu nkaambi za Ḥājī eziddukanyizibwa Majlis Hajj & ‘Umrah (Dawat-e-Islami). Ebitabo bya Hajj nga ‘*Rafīq-ul-Ḥaramayn ne Rafīq-ul-Mu’tamirīn*’ bigabibwa eri ba Ḥujjāj ku bweerere okubalagirira ebikwata ku Hajj n’okula maga mu Madīna-tul-Munawwarah رَادَا اللّٰهُ شَرَفًا وَتَعْظِيمًا

## Amasomero

Shaykh-e-Tarīqat, Amīr-e-Ahl-e-Sunnat دامش تبرکاتہم العالیہ yagamba, ‘Abayizi kyengera kyamuwendo nnyo eri egwanga era be bakulembeze gye buja mu nsi. Bwebatendekibwa mu Sharī’ah ne Sunnah, olwo okutya n’okwagala eri Omwagalwa n’Owemikisa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ kujja kubeerawo buli wamu.’ Okumanyiiza abasomesa n’abayizi eSunnah ya Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ emirimu gya Madanī gikolebwa mu masomero agenjawulo nga Madāris, amsomero g’ebyensi, coleji ne yunivaasite. Abayizi bangi betaba mu Ijtimā’āt za Dawateislami era nebatambula ne Madanī Qāfilah.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Abayizi bangi abaali bermalidde mu sayaani w’ensi kati basaala e Ṣalāh zonna era bagoberera ne Sunnah. Era, koosi

za ‘Faizān of Quran & Ḥadīṣ’ nazo zitegekebwa mu luwummula okutendeka abayizi mu by’essiini.

## **Jāmi’a-tul-Madīnah**

Ettabi elyasookera ddala erya Jāmi’a-tul-Madīnah lyaggulwaawo Dawat-e-Islami mu 1995 ku mwaliiro ogw’okibiri ogw’ekizibe kya Madrasa-tul-Madīnah ekisangibwa mu Godrah colony New Karachi, Bāb-ul-Madīnah Karachi. Akaseera bwekaayita, amatabi mangi aga Jāmi’a-tul-Madīnah nago gaggulwa. Mu kiseera ky’okuwandiika bino (i.e. 5<sup>th</sup> Sha’bān 1435 A.H.) Jāmi’at 337 eziyitibwa ‘Jāmi’a-tul-Madīnah’ zitereddwaawo omusomes ezebwa Dars-e-Nizāmī eri ab’oluganda abasiraamu kumpi okuwera 10,916 (nga waliyo ebisulo, awaba wetaaze). Mu ngeri y’emu, abanyina abasiraamu nga 6,867 bali mu kusomesebwa okubeera ba ‘Ālimah awatali kusasula.

Abayizi okuva mu Jāmi’at za Dawat-e-Islami babadde bafuna obuwanguzi bungi emyaaka egiwedde mu bigezo ebiwebwa Tanzīm-ul-Madāris, Pakistan ekibiina eky’egwanga ekiddukanya Madāris za Ahl-e-Sunnat. Oluusi, abayizi bano bafuna ebifo bya 1<sup>st</sup>, 2<sup>nd</sup> ne 3<sup>rd</sup>. Ekitiibwa ‘Madani’ kigattibwa ku linya ly’abamanyi abaweebwa diiguri ya Dars-e-Nizāmī okuva mu Jāmi’a-tul-Madīnah.

## **Madrasa-tul-Madīnah**

Madāris nnyingi eza Ḥifẓ ne Nāziraḥ eziyitibwa Madrasa-tul-Madīnah nazo zitereddwaawo. Mu kiseera ky’okuwandiika

bino (i.e. Rajab 1435H), Madāris-ul-Madīnah (ez'abaleenzi n'abawala) nga 20149 ziddukanyizibwa mu Pakistan. Abaleenzi n'abawala abasukka mu 101,430 bali mu kusomesebwa Hifz ne Nāzirah mu Madāris zino awatali kusasula (ku bweerere).

### **Madrasa-tul-Madīnah (ez'abakulu)**

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Wansi w'okuddukanyizibwa kw'ekibiina eky'ensi yonna ekitali kya plitikisi ekisomesa Quran & Sunnah, Dawat-e-Islami, enkumi n'enkumi za Madāris-ul-Madīnah (ez'abakulu) zeddukanyizibwa buli lunaku oluvanyuma lwa Ṣalāt-ul-'Ishā mu Masājid ez'enjawulo etc. abantu abakulu mwebayigira Quran & Edduwa n'enjatula entuufu ey'enyukuta z'Oluwalabu, engeri entuufu ey'okusaala eṢalāh n'eSunnah endala awatali kusasula (ku bweerere).

### **Kililiki (Amalwaliro)**

Ku muwendo omutono, kiliniki nazo zitereddwaawo omuweebwa obujanjabi ku bweerere eri abayizi n'abasomesa. Bwekiba kisaana, abalwadde bajaranjabibwa mu kiliniki zino. Ate, basindikibwa mu malwaaliro amanene okujanjabibwa, bwekiba kisaana. Ku Madanī Markaz ey'ensi yonna, Faizān-e-Madīnah Bāb-ul-Madīnah Karachi, eddwaaliro ettono ely'ebitanda 11 lijanjaba era liwa obuyambi obumala obw'obusawo.

## Takhaṣṣuṣ-fil-Fiqh\*

Dawat-e-Islami erina ekittibwa eky'okutegeka kkoosi za post-Dars-e-Nizāmī eziyitibwa Takhaṣṣuṣ-fil-Fiqh mu Jāmi'a-tul-Madīnah wansi w'okuddukanya kw'abamanyi abakenkufu. Oluvannyuma lw'okuyita Dars-e-Nizāmī ab'oluganda abasiraamu bangi bayiga sayaansi wa Fatwā mu kkoosi eno ey'emyaaka ebiri. Abayizi baweebwa ekigezo nga tebannaba kuyingizibwa mu kkoosi eno. Omusaala guweebwa abayizi basobole okumaliriza Mufti-kkoosi nga tebafunye buzibu bwa nsiimbi. Mu kaseera kano, kkoosi eno eddukanyizibwa mu Jāmi'a-tul-Madīnah Faizān-e-Madīnah Bāb-ul-Madīnah Karachi.

Okugatta ku kutendekebwa mu kkoosi eno, abayizi nabo basaaniwa okusoma mu bitabo *Fatāwā Razawiyyah* (voliyumu 30 zonna) ne *Bahār-e-Shari'at* (ebitundu 20) nga kimu ku misomo eja sekinnoomu. Era, abayizi balina okusoma Fatāwā enyingi ezikunganyiziddwa mu Urdu abamanyi ba Mufti ba Ahl-e-Sunnat. Oluvannyuma diiguri ya Mutakhaṣṣiṣ-fil-Fiqh eweebwa eri oyo awandiika Fatāwā 1200 wansi w'okuddukanyizibwa kw'aba Mufti. Oyo yenna awandiika Fatāwā endala 1400 alinyizibwa ku ddaala ly'omumyuuka wa Mufti ate, oyo awandiika Fatāwā endala 1400, nga zikakasiddwa Majlis ya Iftā eya Dawat-e-Islami, aweebwa ekitiibwa kya Mufti & Muṣaddiq (i.e. oyo akkirizibwa okukakasa Fatāwā). Kkoosi y'omwaaka gumu eya Takhaṣṣuṣ-fil-Funūn & Tawqīt nayo esomesebwa.

---

\* Specialization in Islamic Jurisprudence

## Majlis Taḥqīqāt-e-Shar’iyyah

Okwanukula ebibuuzo ebipya abitawanya abasiraamu, Majlis-e-Taḥqīqāt-e-Shar’iyyah nayo yaterebwawo. Majlis eno erimu ba Muftī n’abamanyi aba Madanī aba Dawat-e-Islami.

## Dār-ul-Iftā Aḥl-e-Sunnat

Dār-ul-Iftā Aḥl-e-Sunnat nyingi ziterreddwawo mu bifo eby’enjawulo mu Pakistan ba Muftī n’abamanyi ba Aḥl-e-Sunnat aba Dawat-e-Islami mwelunganyiza abasiraamu mu mateeka ga Shar’ī. Mu kiseera ky’okuwandiika bino, enyanukula z’ebizuuzo ezisukka mu 15000 ziwebwa buli mweezi (ng’otaddeko n’ezo ezisindikibwa ku intaneti) ziwereddwa amatabi 10 aga Dār-ul-Iftā Aḥl-e-Sunnat mu bifo eby’enjawulo mu Pakistan. Fatāwā ezisinga zidibwamu mu buwandiike (print)

Okugatta ku kino, nkumi n’ankumi z’aboluganda abasiramu zifuna okwanukulwa kw’ebizibu byabwe ku ssimu oba n’okukyalira Dār-ul-Iftā mu buntu okugezako okumala ebizibu mu nsomesa ya Shari’ah. **اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ**! Kawefube mungi agenda mu maaso.

## Intaneti

Obubaka bw’obusiraamu busasanyizibwa mu nsi yonna ku mukutu gwa [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net) ne webusayiti eza Majlis endala eza Dawat-e-Islami.

## Online Dār-ul-Iftā Aĥl-e-Sunnat

Ettabi lya ‘Online Dār-ul-Iftā Aĥl-e-Sunnat’ nalyo kweriri ku webusayiti ya Dawat-e-Islami ([www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net)) omwan ukulira ebibuuzo ebibuzibwa abasiraamu okuva mu nsi yonna. Okuwakanya kw’abatali basiraamu kuddibwamu era nebayi tibwa okuyingira obusiraamu.

## Maktaba-tul-Madīnāh

Ebitabo bya A’lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, Amīr-e-Aĥl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهَا الْعَالِيَةِ n’abamanyi b’obusiraamu abalala ebifulumizibwa Maktaba-tul-Madīnāh bituuse mu mikono gy’abantu ba bulijjo mu miwendo gy’obukadde n’obukadde, nga bisasaana n’okuso mesa e Sunnāh. اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Dawat-e-Islami erina ‘printing press’ yayo. Okugattako kwekyo, obukadde bwa teepu za odiyo ne VCD ezirimu okubulirira okwagaza eSunnah ne Madanī Muḥākarah zituuse mu nsi yonna.

## Al-Madīna-tul-‘Ilmiyyah

Majlis ‘Al-Madīna-tul-‘Ilmiyyah’ erimu ba ‘Ulamā (abamanyi) ne ba Muftī ba Dawat-e-Islami. Majlis eno etutte obuvunanyizibwa okuweereza eddiini mu bifo bwa sayansi w’obusiraamu, okunon yereza (research) n’okufulumya ebitabo. Erina Shu’bāh (departments) zino mukaaga.

1. Shu’bāh Kutub A’lā Ḥaḍrat (ebitabo bya A’lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ)
2. Shu’bāh Darsī Kutub (syllabus books)

3. Shu'bah Iṣlāhī Kutub (edifying books)
4. Shu'bah Taftīsh-e-Kutub (scrutiny of books)
5. Shu'bah Takhrīj (references of quotes)
6. Shu'bah Tarājim Kutub (okuvvunnula ebitabo)

Ekirubirirwa ekisoka ejya Al-Madīna-tul-'Ilmiyyah kwekutuusa ebitabo eby'omuwendo ebya A'lā Ḥaḍrat, Imām-e-Aḥl-e-Sunnat, Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن mu ngeri etegerekeka amangu okumaliriza eby'etaago by'ekiseera kino.

### Majlis-e-Taftīsh Kutub-o-Rasāil

Omulumu gwa Madanī ogwa Dawat-e-Islami bwegweyongerayo, abasiraamu bejumbira okusoma ebitabo by'eddiini. Waaliwo ekiseera nga kizibu okusanga ebitabo 20-30 ebiwandikiddwa abamanyi ba Aḥl-e-Sunnat mu nkungana z'eddiini naye kati, اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ, ebitabo nkumi nankumi bitundibwa. Amaduuka amapya ag'ebitabo by'obusiramu gaguddwa, ate abawandiisi abapya nabo kati bafulumya ebitabo.

Ennaku zino bizinesi eri nti ekintu bwekiba nga kyetagisibwa nnyo nga akatale kanene, abafulumya ekintu ekyo balubirira okwongeza omuwendo gwakyo basobole okufunamu essence nyingi nnyo ekifo ky'okufa ku mutindo gw'ekintu ekyo. Kino kyekimu ekikwata ku bitabo. Okuntunda ebitabo ebijjude ensobi kweyongera. Okugezako okulwanyisa entiisa eno,



abasiraamu bangi ba nanyini maduuka agatunda ebitabo by'obusiramu n'abawandiisi abapya n'abakunganyi bayitibwa era Madanī Mashwarah̄ ennene yakolebwa, okubateeka bafune okutya okw'ekibi eky'okusasaanya enkyusakyusa enfu mu nsomesa y'obusiraamu olw'okutunda n'okufulumya ebitabo ebikyaamu. Kino kyaba tusaako enkyukakyuka enungi.

Nolwekyo, okuziyiza okusasaanya enkyusakyusa enfu mu nsomesa y'obusiramu mu basiramu ate n'okuziyiza ekibi ekinene eky'okufulumya ebitabo ebikyamu, 'Majlis-e-Taftish-e-Kutub-o-Rasāil' (dipaatiementi evunyizibwa mu kwekenneenya ebitabo n'obutabo) yatekebawo. Majlis eno etunula mu bitabo by'abawandiisi okulaba mu enzikiriza, ekiwakanya enzikiriza, empisa, amateeka g'olulimi Oluwarabbu n'ennamula ya Shar'i era newa ebbaluwa eraga okukkiribwa oluvannyuma.

### **Emisomo egy'enjawulo (Kkoosi)**

Emisomo egy'enjawulo gitegekebwa okutendeka ababuulizi. Okugeza, kkoosi ya Madanī Qāfilah̄ & Madanī In'āmāt ey'ennaku 41, Tarbiyyatī kkoosi ey'ennaku 63, kkoosi ya, kkoosi y'aba Mudarris etc. Okusasanya okukowoola eri obulongoofu mu bakiggala, abazibe n'abantu abatasobola kwogera, Qufl-e-Madīnah̄ kkoosi ey'ennaku 30 etegekebwa okutendeka ababuulirizi okukozesa olulimi olw'okulagiriza. Ababuulizi basobosebwa okwogera okwogera, okubuulirira n'okusoma Na'at n'oklukola Zikr & Du'a mu lulimi olw'okulagiriza.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Īṣāl-e-Šawāb

Okukola Īṣāl-e-Šawāb, Maktaba-tul-Madīnah ewa omukisa ogw'okuwandiika amannya g'abenganda abafu ku bitabo nga *Faizān-e-Sunnat, Laws of Ṣalāh, Ṣalāh for Islamic Sisters* n'ebitabo ebirala etc. (Abo abagala kino basobola okwogera ne Maktaba-tul-Madīnah).

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Emiddaala gya Maktaba-tul-Madīnah

Okusobozesa ab'enganda okugaba obutabo n'ebitabo ku mikolo nga embaga, enyimbe etc., Maktaba-tul-Madīnah ewa omukisa gw'okutegeka emiddaala gy'ebitabo. Gwe ky'olina okukola kwekwogera ne Maktabah era ebisigadde bija kutegekebwa abakozi ba Maktabah.

## Majlis-e-Tarājim

Obutabo n'ebitabo ebifulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah bivvunnudwa Majlis-e-Tarājim mu nnimi nyingi era nebisindikibwa mu nsi yonna. **اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ!** Okuvvuunula kukoledwa mu nnimi 32 ez'enjawulo ez'ensi yonna. Ennimi zino zezino:

- |             |              |                |
|-------------|--------------|----------------|
| 1. Arabic   | 2. English   | 3. French      |
| 4. Spanish  | 5. Russian   | 6. Norwegian   |
| 7. Danish   | 8. Dutch     | 9. Chinese     |
| 10. Italian | 11. Thai     | 12. Korean     |
| 13. German  | 14. Chichewa | 15. Portuguese |
| 16. Malay   | 17. Turkish  | 18. Greek      |
| 19. Creole  | 20. Bengali  | 21. Telugu     |
| 22. Tamil   | 23. Kannada  | 24. Hausa      |
| 25. Swahili | 26. Hindi    | 27. Gujarati   |
| 28. Sinhala | 29. Nepali   | 30. Persian    |
| 31. Sindhi  | 32. Pashto   |                |

### Ijtimā'āt ez'ewabweru

Mu nsi nyingi ez'ensi, Ijtimā'āt ez'agazisa eSunnah zetabwamu ab'oluganda abasiraamu bangi nnyo. Ku lw'omukisa gwa Ijtimā'āt zino, abatakkiriza bayingira obusiraamu buli kaseera. Ku nkomerero ya Ijtimā'āt zino, Madanī Qāfilāh nazo zitambula mu kkubo lya Allah.

### Tarbiyyatī Ijtimā'āt

Tarbiyyatī Ijtimā'āt ez'ennaku bbiri/ssatu zitegekebwa okutendeka ab'oluganda abasiramu abalina obuvunanyizibwa munda newabweru wa Pakistan. Nkumi na nkumi z'aboluganda abasiraamu zetaba mu Ijtimā'āt zino mwebafunira obwagazi bw'okukolera eddiini era nebasomesebwa ku ngeri y'okudukanyamu emirimu gya Madanī egya Dawat-e-Islami mu ngeri egasiza ddala era amangu.

*Dawat-e-Islami kī Qayyūm*

*Saray jaḥān mayn mach jāye dhūm*

*Is pay fidā ḥo bachchaḥ bachchaḥ*

*Yā Allah عَزَّوَجَلَّ mayrī jḥaulī bḥar day*

*Nsaba Dawat-e-Islami ewangule!*

*Mu nsi yonna, Yā Qayyūm عَزَّوَجَلَّ!*

*Nsaba buli mwaana agyagale!*

*Yā Allah عَزَّوَجَلَّ! Nsaba okusaba kwange kukkirizibwe!*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Madani Channel

Omusiinzi w'omuliro bwaggulawo hoteeli mu kifo ekirimu abasiraamu, kijja kubeera kizibu okumatiza abantu bonna nti okulya enyama oba emmere y'enyama yonna okuva mu hoteeli eno nti kibi oba Ḥarām. Bwekiba nti omusiraamu naye aguddewo hoteeli mu kifo kino kyekimu, ekizibu kino kisubirwa okuba nti kimalibwa ddala, kubanga kija kubeera kyangu okumatiza abasiraamu okuliira mu hoteeli y'omusiraamu yokka. Mu ngeri y'emu eya TV esangibwa kumpi mu maka gonna. Buli musiramu omugezi amanyi ebibi ebsasanyizibwa TV mu bifo byonna. Newankubadde ababuulizi ba Dawat-e-Islami bagezaako nnyo okujjawo TV wonna, bafuna obuwanguzi butono nnyo mu kino.

Eky'omukisa omubi, abantu abasinga obungi balemera ku TV era kilabika nti tebayinza kuva ku kulaba TV newankubadde nga bamanyi ebibi byebaretela mu bulamu buno ku nsi n'obwoluvanyuma. Kulw'abantu okwekwata ennyo ku kulaba TV, sitaani tekomye ku kwonoona empisa zaabwe wabula eyononye n'empisa n'ennono z'abwe ez'obusiraamu. Amanyi agalwanyisa obusiraamu nago galafubana okwonoona enjigiriza y'obusiraamu mu kwekuusa nti "Obusiraamu Obw'omulembe", nebajjawo omwooyo ogweddala ogw'obu siraamu okuva mu mitima gy'abasiraamu.

Mu mbeera nga zino, bwetugezaako okuvumirira ekozesa ya TV mu kubuulirira mu Masājid, teri ncuukacuuka nnene esubirwa kubanga abasiraamu wansi wa 5% bebasaala eSalah zonna mu Masjid, ate ekirala, abasing mw'abo abasaalira mu Masājid balina okwagala kutono eri okuwuliriza okubuulirira kw'obusiraamu. Ekirala, banyina abasiraamu bajibwaamu mu muteeko guno kubanga tebakkirizibwa kujja mu Masjid, kati bamanyisibwe batya ku kubuulirira okubaawo mu Masājid? Bwetufulumya enjigiriza y'obusiraamu mungeri y'ebitabo n'obutabo, abasiraamu batono nnyo abagala okubisoma. Mu mbeera embi era ezitiisa bweziti, kawefube waffe ow'okul ongoosa abasiraamu bwasigala nga akolebwa mu Masājid ne Ijtimā'āt (enkungana) mwokka, tetujja kusobola kutuuka basiraamu abasing obungi n'obubaka obwetagisiba ddala obw'obusiraamu. Ku luuyi olulala, abalabe b'obusiraamu bakola kawefube mungi nnyo era buli kaseera okusikiriza

n'okubuza abasiraamu n'obubaka obukyaamu bwebayisa mu TV zabwe.

Nolw'ekyo, tutuuse ku malira nti kirabika tekisoboka okujjawo obubi bwa TV embi mu nsi. Twasigaza engeri emu ey'okul ondako, nga eky'okulabirako, bwewabaawo amataba amangi, enkulukuta y'amazzi etekwatekwa nga edda mu malimiro okusobola okutaasa amayumba ate nga ekiseera kyekimu amalimiro bwega fukirirwa amazzi, mu ngeri y'emu, enjigiriza z'obusiraamu zizobola okusasaanyizibwa nga tukozeza TV nga bwetugezaako okuzuukusa abasiraamu okuva mu tulo otw'obo buyabuya nag bwetubamanyisa obubi bw'ebikolwa ebibi n'okw onoono enjigiriza y'obusiraamu. Nolw'ekyo, bwetwalaba nti kisoboka okutandikawo TV ey'obusiraamu okuwa abasiraamu enjigiriza entuufu ey'obusiraamu nga telaga filimu, nyimba, muziki n'ebikolwa ebirala ebibi, Markazī Majlis-e-Shūrā eya Dawat-e-Islami yalafuubana nnyo era neggulawo Madanī Channel mu mwezi mutukuvu ogwa Ramadan, 1429 A.H. (2008). Madanī Channel etuusa obubaka bwa Sunnah mu maka g'abasiraamu era efunye obuwanguzi bungi nnyo mu kaseera katono.

Kikakasibwa nti abasiraamu baja kukuumbwa okuva ku TV enkyaamu ebanga lyebamala nga bekumidde ku kulaba Madanī Channel. Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ, Madanī Channel efunye obuwanguzi bungi nnyo okusukka kyetwali tusuubira. Tufuna obubaka bungi nnyo obutwebaza okuva mu nsi yonna.

Ng'ovudde ku kutwebaza, obubaka nuno butulaga encuuka cuuka ennene era enungi etusewo mu bulamu bw'abantu bangi ku lw'okulaba Madanī Channel yaffe. Bnagi benenyezza ebibibiyabwe, batandise okusaala eṢalāh era n'okukolera ku Sunnah. Era tugambiddwa nti n'abatakkiriza abamu basiramuse kulw'okulaba Madanī Channel. Wano tutaddewo ebyafaayo bisatu ebya Madanī ebikwata ku Madanī Channel, nga eb'ky'okulabirako:

## 1. Atalimukkiriza yasiramuka

Ow'oluganda omusiraamu okuva mu Markaz-ul-Awliyā (Lahore) yagamba nti waliwo TV mu kolero limu mu kifo kyabwe. Abakozi baali balaba 'channel' nyingi ku TV eno. Madanī Channel ya Dawat-e-Islami bweyagulwawo mu mwezi omutu kuvu ogwa Ramadan mu 1429 A.H. (2008), bayagala nnyo pulogulaamu zayo era nebatandika okulaba Madanī Channel yokka buli lunaku. Omu kubakozi teyali musiraamu. Naye yayagala nnyo pulogulaamu za Madanī Channel. **اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ** Yewunya nnyo embeera za Amīr-e-Ahl-e-Sunnat **دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَةِ** era, oluvanyuma lw'ennaku satu zokka ez'okulaba Madanī Channel, yasoma Kalimah era nayingira obusiraamu.

*Kufr kay aywān mayn Maulā dāl day yeh zalzalah*

*Yā Ilāhī! Ta-abd jāri rahay yeh silsilah*

*Nsaba ereete musisi mu lubiri olw'obutakkiriza!*

*Nsaba ewangale okutuusa ku lunaku lw'enkomerero!*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## 2. Kati mpulira ensonyi okulaba ‘channel’ enkyaaamu

Omubuulirizi omukazi owa Dawat-e-Islami yagamba nti mwanyina obusiraamu, abaanabe netaata wabwe baali bagala nnyo okulaba ‘channel’ enkyaaamu ezesitaza. TV yatekebwan gako kumakya nnyo, era abakazi abaali bazina ab’atalina nsonyi nebirala byaali biragibwa lubeerera. Abaana nabo baali balaba pulogulaamu embi ku TV nga bavudde ku somero.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ Omwezi ogw’emkisa ogwa Ramadan (1429 A.H, 2008) bwegwajja, egimu ku mikisa gyagwo came, gwaja mu ngeri Madanī Channel, ekyasanyusa abagazi ba Rasūl.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Mu maka ga mwanyina oyo omusiraamu, lumu omwaali mulabwa ‘channel’ enkyaaamu essaawa zonna, kati Madanī Channel yokka yelabwa. Omuntu bwateekako ‘channl’ enkyaaamu yonna, ekyuusibwa nezibwa ku Madanī Channel mu kaseera ako. Bbaawe agamba, ‘Bwansangibwa nti ntadeko ‘channel’ embi mpulira ensonyi kubanga ndi ‘Atṭārī ate Murshid wange (Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَهُ) ali ku Madanī Channel. Ndaba ntya ‘channel’ bweti erga pulogulaamu ezesittaza?’

*Madanī Channel kī muḥim ḥay Nafs-o-shayṭān kay khilāf*

*Jo bhī daykhay gā karay gā اِنْ شَاءَ اللّٰهُ عَزَّوَجَلَّ*



*Kawefuba wa Madanī Channel alwanyisa sitaani & Nafs  
Buli alaba Madanī Channel ajaku kikiriza* إِن شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### 3. Ebbaala lyagalwaawo

Ow'oluganda omusiraamu okuva mu Markaz-ul-Awliyā (Lahore) yagamba nti omuntu eyali adukanya ebbaala mu kitundu kyabwe yali atunda omwenge era nga alaga ne sineema ez'esittaza era ez'ebikolwa eby'obukaba. Bweyalaba pulogulaamu za Madanī Channel mu Ramadan 1429 A.H. (2008) yakyuusibwa nnyo era teyakoma ku kuva ku kutuunda omwenge nebirala, wabula yagalawo ebbaala elyo mu nnaku bbiri.

**Nooti:** Okusoma ku birala ebirungi by'okulaba Madanī Channel, soma akatabo akayitibwa 'A non-Muslim Embraces Islam' akafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah.

### Madrasa-tul-Madīnah Online

اَللّٰهُمَّ صَلِّ وَسَلِّمْ عَلٰى مُحَمَّدٍ! Mu Shawwal-ul-Mukarram 1432 A.H. (September 2011) Majlis 'Madrasa-tul-Madīnah Online' nayo yagulwaawo, nga ewa omukisa eri ab'oluganda abasiraamu okuva mu nsi ez'enjawulo omukisa okuyiga Quran Entukuvu n'enjatula entuufu n'obuyambi bwa intaneeti awatali kusasula. Okugatako ku ngeri entuufu ey'okusoma Quran, ennamula ez'enjigiriza

z'obusiraamu nga Wuḍū, Ghusl, Tayammum, Azān, Ṣalāh, Zakāh, okusiiba ne Hajj nebirala nabyo bisomesebwa ab'oluganda abasiraamu.

## Dār-ul-Madīnah

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Nga 25<sup>th</sup> Ṣafar-ul-Muḏaffar 1432 A.H. (January 31, 2011), dipatimeenti endala ey'omugaso eyitibwa Dār-ul-Madīnah yaggulwaawo. Okutandika kwa dipaatimenti eno kuluubirirwa kusomesa Ummah y'abasiraamu ab'omulembe omujja mu njigirza z'obusiraamu n'emisomo gy'okunsi wamu nokwagazisa okuwangaala obulamu nga bagoberera Sunnah.

## Ebimuli bya Madanī 8 ebya Dawat-e-Islami

Okuva ewa: Shaykh-e-Ṭarīqat, Amīr-e-Ahl-e-Sunnat, 'Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi داعية بركاته العالیه:

1. Ekiruubirirwa ekinene ekya Dawat-e-Islami kw'ekusa saanya 'obusiraamu' mu bantu b'ensi mu ngeri nti ababuulirizi batutumusa okubuulira kw'obusiraamu nga bekwatira ku 'Islamism' to the people of the world in such a way Sunnah era nga baleka 'okuvuganya n'okuwakanya' eri abamanyi ba Ahl-e-Sunnat abakugu mu kifo ekyo.
2. 'Obusiraamu' wano kitegeeza ebigaambo n'ebikolwa bya Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ebya

somesebbwa n'ebikolebwa ddala Sayyidunā Imām Abū Ḥanīfah, Sayyidunā Imām Mālik, Sayyidunā Imām Shāfi'ī ne Sayyidunā Imām Aḥmad Bin Ḥanbal رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمْ, ebyasasaanyizibwa Sayyidunā Imām Abul Ḥasan Ash'arī ne Sayyidunā Imām Abū Manṣūr Maturīdī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمَا, ebyakolebwaako Kamala byonna owa Baghdad, Ghauṣ Pāk, Sayyidunā Shaykh 'Abdul Qādir Jilānī, Gharīb Nawāz Sayyidunā Khuwājah Mu'in-ul-Ḥaq Waddīn Chishtī, Sayyidunā Shaykh Shāhāb-ul-Ḥaq Waddīn Suḥarwardī ne Sayyidunā Shaykh Bahā-ul-Ḥaq Waddīn Naqshbandī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمْ, ebyakkirizibwa abamanyi ba Aḥl-e-Sunnat, okugeza, omuwandiisi w'ekitabo *Rad-dul-Muḥtār*, Khātīm-ul-Fuqahā, Sayyidunā Shaykh Sayyid Muhammad Amīnuddīn Ibn 'Ābidīn Shāmī قُدِّسَ سِرُّهُ السَّابِقِ, Sayyidunā Shāh Mullā Jīwan Hīndī عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْقَوِيِّ, Sayyidunā Shāh 'Abdul 'Azīz Muḥaddīsh Dīhlvī عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْقَوِيِّ n'abalala bangi naddala ngakwotadde A'lā Ḥaḍrat, Imām of Aḥl-e-Sunnat, , Eyazza obuggya eSunnah, Eyasanyawo Bid'ah, Omumanyi wa Shari'ah, Omulagirizi mu Tariqah 'Allamah, Maulana, Al-Haj Al-Hafiz, Al-Qari Ash-Shah Imām Aḥmad Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ eyalabulula ddala enzikiriza n'ensomesa (y'aba Awliya abo ab'obusiraamu) mu batabo bye eby'om ugaso ennyo nga Al-Mu'tamad-ul-Mustanad, Tamhīd-ul-Īmān, Ḥussām-ul-Ḥaramayn nebirala.

3. Ab'oluganda nebanyina abasiraamu bonna, balina okwek waatira ddala ku Maslak [i.e. enzikiriza n'ensomesa] ya A'lā

Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ. Maslak ya A'lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yeyo yemu yenyini nga ey'aba Saahaba ba Nabbi ne ba Awliyah b'obusiraamu, i.e. okukkiriza mu bumu bwa Allah عَزَّوَجَلَّ okumusiinza yekka, era n'okukkiriza mu Mwagalwa Nabbi Muhammad صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ nga owamazima era Nabbi eyasembayo okusindikibwa Allah عَزَّوَجَلَّ. Okugatako, kino kirimu n'ogulumiza okwagala n'obutukuvu bwa Allah عَزَّوَجَلَّ ne Nabbi we صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, obutawakanya tteeka lyonna ely'obusiraamu, okwewalira ddala abajooga Allah عَزَّوَجَلَّ, Nabbi we صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ne ba Sahaba ba Nabbi رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُمْ etc., okwewala abajooga n'okubeera nokweta mwa jebali etc.

4. Mu busiraamu abamanyi abatuufu ab'obusiraamu baweebwa ekitiibwa ekyawaggulu ddala era baggulum izibwa ddala ate bawaggulu okusinga abantu ba bulijjo olw'okumanya kwabwe okw'eddiini. Omumanyi w'obus iramu afuna empeera nyingi ez'okusinza okusinga atali mumanyi. Sayyidunā Muhammad Ibn 'Alī رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُمَا yagamba, 'Rak'āt 2 eza Ṣalāh ezisaalibwa omumanyi zisinga Rak'āt 70 ezisaliddwa atali mumanyi.' (*Kanz-ul-Ummāl, vol. 10, pp. 87*)

Nolw'ekyo, kigwaanira abo bonna abalina akakwate ne Dawat-e-Islami era ne buli musiraamu obuta wakanya bamanyi ba Aḥl-e-Sunnat, togayaala mu kubawa ekitiibwa era wewalire ddala okubanyooma yadde katono katya.

Tokola ekibi ekinene eky'okubageya ng'oyogera bubu kumirimu gyabwe nenevisa zabwe awatali kukkirizibwa kwa Sharī'ah, era kino kibi kinene nnyo era kya Ḥarām ate kitwaala omuntu mu Muliro.

Sayyidunā Abul Ḥafṣ-ul-Kabīr عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَدِيرِ yagamba, 'Oyo agaeya omumanyi (aja kujja) ku lunaku lw'enko merero (mu mbeera nti) nga kiwandikiddwa ku feesiye; omuntu ono tasaana kusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ.' (*Mukāshafat-ul-Qulūb, fī Bayān Al-Ghībah, pp. 71*) Sayyidunā Abu Ḍar Ghifārī رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, 'Omumanyi kabonero era bujulizi bwa Allah عَزَّوَجَلَّ kuno ku nsi; oyo yenna ayogera obubi ku mumanyi aja kufafaagana.' (*Kanz-ul-'Ummāl, vol. 10, pp. 77*)

A'lā Ḥaḍrat Imām Aḥmad Raza Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ yagamba, 'Okulaba ensobi mu mumanyi w'obusiraamu era n'okumu wakanya kiri Ḥarām. Bwekiba nga, kulwakino, omuntu yewala omumanyi w'obusiraamu era naava ne ku kumujjako okumanya kw'amateeka g'obusiraamu, kyabussi gyaali.' (*Fatāwā Razawiyyah, vol. 23, pp. 711*)

Balina okutya abo ababuyabuya aboogera ebigambo ebivuma abamanyi b'obusiraamu okugeza: 'Mwegendereze, muganda wange! Oyo ali 'Allāmah Sahib [scholar]', 'Abamanyi balina omululu', 'Balina ensaalwa gyetuli', hey are jealous of us', 'Kulwaffe, tewali abafaako', 'Muleke! Oyo Mawlvī kyokka', (مَعَاذَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ) abamu bajeregerera abamanyi bwebati), 'Bano abantu ba Mullā!', 'Abamanyi tebakoze

*kawefube kulwa Aḥl-e-Sunnat'*, (oluusi, okutamwa eri embu ulirira kulagibwa kuti), '*Gundi abulirira nga Mawlvī*' etc.

Nga anyonyola ebireeta okunyooma omumanyi w'obusiraamu n'okulamula kwa Shar'i ku buli kimu, A'lā Ḥaḍrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Omuntu bwayogera bubi ku mumanyi w'obusiraamu ku lw'ensoonga nti mumanyi, kino kikulwa kya Kufr [obutakkiriza]. Bwaaba nga akitwaala nti kiri Farḍ okuwa omumanyi ekitiibwa kulw'okumanya kwe naye nga amwo gerako bubi oba nga amuvuma oba nga amunyooma ku lw'okwewalana okw'ebyoku nsi, olwonno ali Fāsiq era Fājir [omwonoonyi] owa namaddala. Bwaaba nga alina ensaalwa (eri omumanyi w'obusiraamu) nga tewali nsonga yonna, olwo nno alina obulwadde bw'omwooyo n'omunda omukyaafu, era alikumpi okukola Kufr [obutakkiriza]. Ki gambibwa mu bufunzefunze, مَنْ أَبْغَضَ عَالِمًا مِنْ غَيْرِ سَبَبٍ ظَاهِرٍ خِيفَ عَلَيْهِ الْكُفْرُ (nti, oyo yenna alina ensaalwa eri omumanyi w'obusiraamu awatali nsonga yonna, ali kumpi nnyo n'obuzibu obw'okukola Kufr).

*(Fatāwā Razawīyah, vol. 10, pp. 140)*

Wano wansi wateredwaawo eby'okulabirako eby'enjogera ejooga era n'ebikolwa omusangibwa obutawa kitiibwa eri Shari'ah n'abamanyi b'obusiraamu mwebisangibwa. مَعَاذَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ Omuntu yenna bwaba nga yali ajooze omumanyi w'obusiraamu n'ebigambo bye oba n'ebikolwabye ku lw'obukyaayi eri okumanya kw'eddini okw'omumanyi, olwo nno omuntu bwaaty alina okwenenya era azebupya enzikirizaye ate, bwaaba

nga mufuumbo, alina okuza obupya Nikah ye [obufuumbo]. Ekirala, bwaaba nga yali Murīd (omugoberezi) alina okuza obupya Bay’at ye.

- ❖ Okujeeja Shari’ah kya Kufr. Okugeza, omutnu bwagamba, ‘Kiki kyenina okumanya ku Shara’ Wara?’ (i.e. Shari’ah etagasa), aja kufuuka Kāfir. Mu ngeri y’emu, Fatwā okuva ku mumanyi omwegendereza era omwesigwa bweeba nga ewereddwa omuntu eta omutnu oyo nasuula Fatwā eyo ku ttka oba nagaamba, ‘Mpakanya Fatwā eno’, (aja kufuuka Kāfir). (*Bijiddwa okuva mu Bahār-e-Sharī’at, part 9, pp. 172*)
- ❖ ‘Bano ba Mawlvī bamanyi kiki?’ Okujerega abamanyi kyeraga mu bigambo bino, ate okujerega abamanyi b’obusiraamu kiri Kufr. (*Fatāwā Razawiyyah, vol. 6, pp. 24*)
- ❖ Omuntu bwagambantit ‘Ba Mawlvīs boona bakumpanya’, i.e. ayogera bubi ku bamanyi bonna; ennamula ya Kufr ekola ku muntu bwaati. (*Fatāwā Amjadiyyah, vol. 4, pp. 454*)
- ❖ ‘Abamanyi bano bonoonye eggwanga’ – kino ekigambo kya Kufr. (*Bijiddwa okuva mu Fatāwā Razawiyyah, vol. 6, pp. 115*)
- ❖ Era nakyō kya Kufr okugamba nti ba Mawlvī bawukan yiza eddiini.
- ❖ Okugamba, ‘Allah عَزَّوَجَلَّ yassa eddiini nga nyangu, naye ba Mawlvī bagifudde nzibu’ kibeera Kufr kubanga

الْأَسِيخَفَاءِ بِالشَّرَافِ وَالْعُلَمَاءِ كُفْرٍ (i.e. okujerega abamanyi n'aboluluyo lw'Omutume kibeera Kufur). (*Majma'-ul-Anhār*, vol. 2, pp. 509)

- ❖ Omuntu bwagamba, 'Okumanya abamanyi kwebasomesa bifumo bufumo n'ambooji', oba '...kwagala kwaabwe', oba '...bwabulimba bulimba', oba bwagamba, 'Nze sikkiriza kumanya kusibuka mu Hilaḥ (i.e. okwekozakoza)', i.e. ayita Shari'ah nti yakwekozakoza, omuntu bwati abeera afuuse Kāfir, era ebigambo bino byanna bya Kufur. (*Fatāwā 'Ālamgīrī*, vol. 2, pp. 270)
- ❖ Omuntu bwagamba, 'Naakola ki n'okumanya [kw'obusi raamu]? Walina okubeerawo esseente mu nsawo!' Ennamula ya Kufur eba ekola ku muntu bwaati.
- ❖ Omuntu bwagamba omumanyi, 'Bulawo ate tereka okumanyakwo bulungi nnyo mu nsuwa.' Okwogera kiono kibeera Kufur. (*Fatāwā 'Ālamgīrī*, vol. 2, pp. 271)

Jjukira! Abamanyi ba Aḥl-e-Sunnat bokka bebaweebwa ekitiibwa. Naye abo abamanyi abakyaamu (abamanyi abalina enzikiriza enfu), olina okubewala nga obulwadde bwa kawumpuli, kubanga okubawa ekitiibwa, okuwuliriza ebuulirira zabwe, okusoma ebitabo byabwe n'okuwan gaala nabo byonna biri Ḥarām era butwa obutta eri Īmān yo [enzikiriza y'obusiraamu].

5. Enkola za Aḥl-e-Sunnat z'ennono zaffe era ky'otulabirako. Nolw'ekyo, tolaba butayagala mu ku byejjumbira. Okugeza:



- a) Mu mweezi ogw'emikisa ogwa Rabi'-un-Nūr, kola amajaganya aga Milād/Mawuledi (i.e. okuzaalibwa okw'emikisa okwa Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ) n'amaanyi mangi. Mutiimbe amayumba gammwe, amaduuka etc. namataala agewunda okumala ennaku ezisooka 12, era muwanike beendera ez'ekiragala (mu maka gammwe, ku mamotoka etc) okumala omwezi gwonna.

Ekirala, mu wuunde Masjid zammwe n'ebifo byammwe etc. nga mukozesa amataala amalungi ne beendera ezakiragala. Mu male ekiro eky'om ukisa gw'okuzaalibwa (i.e. ekiro kya 12<sup>th</sup> Rabi'-un-Nūr) mu Ijtimā' Zikr-o-Na'at era mwanirize 'Amakya ag'emikisa' nga muyimiridde ne beendera ezakiragala mu ngalo zammwe nga musoma Ṣalāt-o-Salām ku ssaawa yenyini eya Ṣubḥ Ṣādiq. Ku lunaku kwa 12 Rabi'-un-Nūr, i.e. Eid Milād-un-Nabī صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, mutegeke okukuumba kwa Milād era mwetabemu nga mwatula ekigambo 'Marḥabā!'

- b) Mutegeke Ijtimā' Zikr-o-Na'at ku biro bya Eid Mi'rāj<sup>1</sup>-un-Nabī صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, ennaku z'aba Khulafā-e-Rāshidīn رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمْ, Giyārḥwīn n'olunaku lwa Razā (25 Ṣafar-ul-Muzaffar) buli mwaaka.

---

<sup>1</sup> Okwambuka kwa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

- c) Ku mikolo gya ‘Urs (Edduwa z’aba Awliyah), mukole entekateeka za Madanī Qāfilāh okubeera ku Masājid eziriraanye Mazaar z’aba Awliyah era musasaanye okuyita eri obulongoofu nga mukolera ku ntegeka ya Madanī Qāfilāh, mufune emikisa mingi egya Wali oyo ‘Urs ye ebeera ekolebwa/ejjukirwa.
6. Abo bonna abalina akakwaate ne Dawat-e-Islami balina okukola emirimu gya Madanī egya Dawat-e-Islami nga basigala mu lukomera lwa Shari’ah era nga bagondera Markazī Majlis-e-Shūrā, Intizāmī Kābīnah y’egwanga lyabwe, Majlis-e-Mushāwarat y’ebifo byabwe era ne Żayli Nigrān wa Mushāwarat y’akatundu kabwe.
7. Sitaani aleeta okufiirwa kungi okwemirimu gy’eddiini nga teeka abantu okwegeya. Nolw’ekyo, bwosanga ekibi kyonna oba akamogo ku mungawo omusiraamu yenna, tokola ekibi ekinene eky’okumugeya nga olaga ebibi bye eri abantu abalala awatali kukkirizibwa kwa Shari’ah. Wabula, bwekiba kisoboka, longoosa mugandawo oyo sekinoomu mu kyaama. Kino bwekiba nga tekiyaamba mbeera, olwonno sirikira ekintu ekyo era musabire eDu’ā.

Bwekiba nga kisubirwa nti ekintu ekyo kijja kukosa emirimu gye’diini olwo funa amagezi okuva ewa Żayli Nigrān wa Mushāwarat yo nga oyogera naye sekinoomu mu kyaama oba nga omuwandikira, bwaaba nga asobola okumala ensonga eyo. Bwekiba si bwekiri, olwo

ng'okusigala mu lukomera lwa Shari'ah, twaala ensonga eyo ewa Halqah Nigran owa Mushawarat yo. Bwaaba nga naye tasobola kumala nsonga eyo, olwo nno ddaala ku ddaala, gitwaale eri Nigran wa 'Alaqai Mushawarat, olwo nno ewa Nigran owa Mushawarat y'ekibuga, olwo nno ewa Nigran wa Divizon Mushawarat ate era newa Nigran wa Intizam Kabinah ow'wnsiyo.

Jjukira! Awatali kukkirizibwa kwa Shari'ah, bwotegeeza omuntu yadde n'omu ku kibi ky'owoluganada omusira amu, ojakubeera mu kozi wa kibi newankubadde oyo gwogamba wa ddaala ki oba kitiibwa ki mu buvunany izibwa bw'ekitongole. Ekirala, ensoonga bweba nga efulumye ku lulwo, nereeta ebizibu by'ekitongole mu kifo ekyo era nokufiirwa mu mirimu gya Madani, okunenya okwokuleeta akavuyo ako kubeera ku bibegaabegaabyo, era nga kikufuula agwaanira okubonerezebwa mu bulamu obwa Akhirah.

8. Emitendera gino giirina okugobererwa okubagaba Bayan [okubuulirira] mu Ijtimat etc.
  - a) Ababuulirizi abalina okumanya okungi era nga n'emirimu gyabwe mirungi egyawaggulu nga balina n'obusobozi obulungi obw'okubuulirira (okugeza, abo abaayita Dars-e-Nizam ate nga balina okumanya Kunene era okugazi wamu n'obujjukizi obwamaanyi n;busobuzi okwewala ensobi za Shar'i) bakkirizibwa

okubuulirira nga tebalina bitabo (i.e okuva ku mutwe oba omutima).

- b) Abo ababuulirizi abatalina kumanya kungi balina okufuna empapula eza 'kopi' okuva mu bitabo by'abamanyi ba Aĥl-e-Sunnat, ba ziteeka mu bitabo byabwe era babuulirire nga bwebasoma empapula ezo kigambo ku kigambo.

*Ay Rab-e-Muhammad baĥr-e-Razā, 'Aĥĥār kī ĥo maqbūl Du'ā  
Ĥer 'Dawat-e-Islami wālā' Sunnat kā 'alam leĥrātā rahāy*

*Owange Rab wa Muhammad! Ku lwa Razā! Kkiriza era  
tuukiriza eDu'ā Aĥĥār*

*Nsaba buli memba wa Dawat-e-Islami member, asigale nga  
awuuba beedera ya Sunnah*

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Okufuna emikisa mingi mu bulamu buno obw'okunsi n'oluvan nyuma, olina okwegatta ku mbeera eya Madanī eya Dawat-e-Islami. Wetabe mu Ijtimā' za Dawat-e-Islami eza buli wiiki mu kibuga kyo, kolera ku Madanī In'āmāt, taambula ne Madanī Qāfilah era sigala nga olaba Madanī Channel.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى عَلِيٍّ مُحَمَّدٍ

## Okutunula ku dipaatimeenti 95 eza Dawat-e-Islami (Zirekeddwa mu lulimi Olungereza)

1. Majlis Madanī In'āmāt (2) Majlis Madanī Qāfilaḥs
3. Majlis Berūn-e-Mulk (4) Madanī Training Centres
5. Majlis weekly Ijtimā' (6) Majlis Tarbiyyatī Ijtimā'āt abroad
7. Congregational I'tikāf (in Ramadan for 10 and 30-days)
8. Majlis Hajj & 'Umrah (9) Majlis Madanī Muẓākaraḥ
10. Jāmi'a-tul-Madīnaḥ (for boys)
11. Jāmi'a-tul-Madīnaḥ (for girls)
12. Madrasa-tul-Madīnaḥ (for boys)
13. Madrasa-tul-Madīnaḥ (with specific timings)
14. Madrasa-tul-Madīnaḥ courses
15. Madrasa-tul-Madīnaḥ (for girls)
16. Madrasa-tul-Madīnaḥ (for adults)
17. Madrasa-tul-Madīnaḥ Online (18) Dār-ul-Madīnaḥ (for boys)
19. Dār-ul-Madīnaḥ (for girls) (20) Dār-ul-Madīnaḥ (school)
21. Dār-ul-Iftā Aḥl-e-Sunnat (22) Al-Madīnaḥ library
23. Takhaṣṣuṣ-fil-Fiqḥ (24) Majlis-e-'Ilāj
25. Majlis-e-Tawqīt
26. Majlis for Performance Forms & Madanī Pearls
27. Different courses (Madanī In'āmāt & Madanī Qāfilaḥ course, Qufl-e-Madīnaḥ course, Madanī Tarbiyyatī course etc.)
28. Al-Madīna-tul-'Ilmiyyaḥ (29) Majlis-e-Tarājim

30. Maktaba-tul-Madīnah (31) Maktaba-tul-Madīnah's stalls
32. Madanī Channel (33) Majlis I.T (34) Majlis Movie Relay
35. Majlis Shu'ba-e-Ta'lim
36. Majlis Courses for Shu'ba-e-Ta'lim
37. Majlis for special Islamic brothers
38. Majlis for reform of prisoners (39) Majlis for Traders
40. Majlis for lawyers and judges (41) Transport Majlis
42. Majlis for Doctors (43) Majlis for Homeopathic Doctors
44. Majlis Veterinary Doctors (45) Hakim Majlis
46. Majlis for reform of sportsmen
47. Majlis 'Ushr and villages (48) Majlis Rābiṭah
49. Majlis Rābiṭah bil-'Ulamā Wal-Mashāikh
50. Majlis Mazārāt (shrines) (51) Majlis for Media & Publication
52. Majlis for Butchers (53) Majlis Khuddām-ul-Masājid
54. Majlis Āimmaḥ Masājid
55. Majlis Maktūbāt-o-Ta'wīzāt-e-'Aṭṭāriyyah
56. Majlis Ṣaḥrā-e-Madīnah
57. Majlis for booklets distribution
58. Majlis for well-wishing of Muslims (help of earthquake and flood victims etc.)
59. Majlis for Human Resources (60) Majlis Imāmat Course
61. Langer-e-Razawīyah (62) Majlis Māliyāt (finance)
63. Majlis assets (64) Majlis Ijārah (65) Security Majlis

66. Majlis Faizān-e-Madīnah (Madanī Marākiz)
67. Construction Majlis (68) Majlis for keeping Performance-record
69. Majlis Madanī Donation Box (70) Majlis Madanī Parables
71. Majlis Faizān-e-Murshid
72. Majlis for Ghusl and Shrouding
73. Majlis Ijtimā'-e-Zīkr-o-Na'at
74. Majlis Course for newly-reverted Muslims
75. Majlis Taftish Qirā'at-o-Masāil
76. Madrasa-tul-Madīnah (for boys with accommodation facility)
77. Online Courses ('Ulūm-e-Islāmiyah course, new Muslim course, Farḍ 'Ulūm course)
78. Majlis for skins of sacrificed animals (79) Majlis Taḥqīqāt-e-Shar'īyah (80) Majlis for reform of singers

### Departments of Islamic sisters

81. Global Majlis-e-Mushāwarat
82. Majlis Madanī Work for Islamic sisters
83. Majlis Faizān-e-Murshid (84) Majlis Shu'ba-e-Ta'līm
85. Majlis for special Islamic sisters (86) Majlis Madanī In'amāt
87. Madrasa-tul-Madīnah (for adult Islamic sisters) (88) Majlis Courses (89) Security Majlis (90) Majlis Rābiṭah
91. Madanī Training Centre
92. Majlis Madrasa-tul-Madīnah Online
93. Majlis Ta'wīzāt-e-'Atṭāriyyah (94) Majlis-e-'Ilāj
95. Majlis for Protection of Sacred Papers

## OKUMULISA KWA SUNNAH

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ !, eSunnah nyingi zi yigibwa era zisomesebwa mu mbeera ya Madani eya Dawateislami, ekibiina ekibullira Qur'an ne Sunnah muni yonna era ekitali kya politikisi. Kuno kusaba kwa Madani nti mwetabire mu Ijtimah ezaagazisa Sunnah ezi baawo buli wiiki oluvannyuma lwa Maghrib buli Lwaakuna mu kibuga kyo, (mu Kololo Jamia Masjid, [Kampala]) n'enniya ey'okufuna okusiimbwa kwa Allah ﷺ. Ne Niyyah ey'okufuna empeera, kiteeke mu puruguraamu zo okutaambula ne Madani Qafilah ezi kubiriza okukolera ku Sunnah, na'baagazi b'Omutume **حَلِيٌّ لِلَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ** jjuzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli lunaku ng'okola Fikr-e-Madinah era okaweeyo eri oyo Zimmadar (avunaanyizibwa kubutabo obwo owa Dawateislami) mukifoo kyo. Emikisa n'obulungi ebiri mu kino; ojakufuna endowooza n'obwaagazi oba okuyaayaanira okukolera ku Sunnah, okutamwa amaazaambi n'okukuuma obukkirizaabwo, **إِنَّ قَسَمَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ** Buli owoluganda omusiraamu ayina okufuna endowooza eya Madani nti: "Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, Okulongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku Madani In'amaat ate okulongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne Madani Qafilah **إِنَّ قَسَمَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ** .



www.dawateislami.net



MC 1286

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net